Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo Abaebbulaniya Ekitundu III

. . . okubeera wano nate akawungeezi kano mu kkuŋŋaaniro, okubaako ne bye tusuubira mu kussa ekimu kuno okulungi ennyo wamu n'okusinza okwetooloola Ekigambo kya Katonda ekituweebwa obuwa. Era tuli . . . twagala okuba abagabana ku mukisa guno.

554 Era nneesize nga ddala Katonda anaatuwa omukisa akawungeezi kano nga bwe Yakoze ku makya, mu bubaka obwabuuliddwa ku makya. Era mbadde njogerako ne muliraanwa wange, Muky. Wood, akaseera katono akaakayita, era tubadde tubwogerako, wamu ne Mw. Wood n'abalala. Era nzikiriza nga obwo bwe bwabadde obubaka bw'Ow'oluganda Neville obukyasinzeeyo mu bubaka obulungi bwonna bwe yali abuulidde, obwo bwe bwansigidde mu bulala bwonna bwe yali abuulidde. Eky'amazima okubuulira okwo okulungi nnakwegombye era nnakusiimidde ddala. Era kwampadde obuvumu, era kulina ne bye kwankomoddeko. N'olwekyo njagala—njagala okukkiriza amazima, omanyi. Kale, awo we bwayogeredde ku buvumu, nga bwe mumanyi, okubeera omuvumu, n'engeri y'oku . . . Dawudi yali awo, n'engeri gye ya . . . Bwe yali mu kugezesebwa okwo okw'amaanyi, mu kifo ky'okugamba nti, "Kati, ŋŋenda kugenda nkole kino, Mukama, nkusaba Onnyambe," yalindirira, yagenda n'abuuza Mukama ky'aba akola. Yaggyayo ekkanzu, nga bwe mumanyi, n'agamba nti, "Kati leka tuyimirire tubuuze Katonda, 'Kiki kye tulina okukola mu kaseera kano ak'akatyabaga?'" O, ekyo kyabadde kiyitirivu nnyo. Ekyo kyabaddemu ebiriisa bingi okusinga ebiri mu maduuka gonna agatunda eddagala mu ggwanga. Yee, ssebo, ekyo kikukola obulungi obutagambika.

555 Kati, akawungeezi kano, tetu—tetuluubirira kusukka ssaawa mukaaga gwa kiro, bwe tunaaba tusobodde, nga twanukula ebibuuzo bino. Kale butereevu tu—tugenda kubitandikako, mu kaseera kano kennyini. Kati ebibuuzo bino tuli mu kubimaliriza, naye buli mulundi lwe ntuuka okubimaliriza . . . Kati, Mwannyinaffe Hattie, ekyo weewaawo si kye ntegeeza, ekyo okimanyi. Ekyo—ekyo nkyogedde bwogezi olaba; era, kale. Naye nninawo wano ebibuuzo ebikalubo ddala ebyavudde ew'omuweereza omu, era bizibu nnyo okwanukula. Omanyi, ababuulizi abo, basooka ne bakinyoola ne bakizza eno

n'eri mu Bayibuli nga bagezaako okwefunira eky'okuddamu ekyabwe ku bwabwe nga tebannakubuuza, olaba. Kale. . . kati bino bikwatibwa ku lutambi lwa kaseti, bya kuweerezebwa mu Georgia eri omuweereza omu mukwano gwange alina wano ebibuuzo munaana eby'ensonga ebyekuusa ku Bayibuli ebikalubo ennyo, ddala.

556 Kale kati, wiiki eno ejja, temwerabira era mutusabire.

557 Ne mukyala wange kati ali bulungi ddala; kati takyali ku ndiri, era yayambyeko n'okufumba, olwa leero. Mikwano gyaffe abaagalwa okuva e Canada, Ow'oluganda, wamu ne Mwannyinaffe Sothmann, bali wano bajja okutukyalirako, era ddala tusiima nnyo okukyala kwabwe. Era mukyala wange, bwe yakitegeerako nti bajja, kale, yali alina okwekakaba Abakristaayo bano abaagalwa basobole okumubeesabeesa wamu n'okussa ekimu naye. Tuli basanyufu okuba n'Ow'oluganda Freddie naffe wano akawungeezi kano, ate ye mwannyinaffe yasigadde ne. . . Yabaddewo ku makya, naye nzikiriza yasigadde ne. . . nedda, bwe kiri, ali ne Meda, okugezaako okumubeesabeesa okutuusa naffe we tunaddirayo; kuba mmanyi tujja kukeerewamukko okuddayo akawungeezi ka leero, kuba tulina okusembera wamu n'okunaazagana ebigere. Kale tuli basanyufu okuba nabo wamu n'abagenyi abalala abali naffe.

558 Kati, nga tetunnagezaako kutandika kwanukula bibuuzo. . . Kati mujjukire nti nso—nsobola okuba omukyamu, mukiraba, ssi—ssigamba nti mbeera mutuufu mu buli kimu kye nkola. Nge—ngezaako okuba omutuufu, naye tomanya nna—nnandiba omukyamu. Kale—kale bwe mba omukyamu, mbasaba munsonyiwe; era nsaba, ne Katonda ansonyiwe, kubanga ssigenderera kuba mukyamu. Ebibuuzo bino ssigezaako kubyanukula lwaku-. . . oba mu ngeri yonna gye. . . okubaako oluuyi kwe nneekubiira, naye mbyanukula okusinziira ku kisingayo kye mmanyi, mukiraba. Era bwe kiba kinneetaagisa okukyusa endowooza zange ze mbadde nazo ku kibuuzo ekyekuusa ku Bayibuli, ndowooza nga ekyo ky'ekintu ekituufu eky'okukola. Tuba tulina okukyusa, ekiseera kyonna, Ekigambo kya Katonda bwe kyogera, kubanga Kigambo kya Katonda kye kiba kyogedde.

559 Era kati, ndowooza n'akawungeezi ka leero tujja kusabira abalwadde, nga bulijjo. Kati emirundi egimu ogenda ne weebuuza; ogenda n'obaako akabinja k'abantu k'ojjayo nga bwe bati, oba n'obutawera, oo, okuva nga mu kkuŋŋaaniro lya wano ettono, naye oluusi n'otalaba bivaamu bye wandyagadde kulaba. Naye nga ensonga ebeera nti, awo ky'obeera okola, akabinja k'abantu ako k'obeera oggyeeyo babeera bavudde mu bantu nga ebikumi bibiri. Nga ate mu lumu ku nkuŋŋaana ennene, oyinza okwesanga nga abantu b'obeera oggyeeyo obeera obaggye mu bantu wakati w'enkumi ssatu n'omutwalo, mukiraba, oba—

oba oli awo n'okusoba. Kale ekyo kye kibaawo, n'olaba nga ebivuddemu bya maanyi nnyo era biyitirivu obungi. Naye akawungeezi kano, mbadde nnyanukula . . . Weewaawo essimu yaffe ebeera evuga buli luvannyuma lwa ddakiika nga ziizo emisana wonna n'ekitundu ekimu eky'ekiro.

560 Ono atudde wano ye Muky. Reisert, gwe ntunuulidde? Bayibuli yo, mwannyinaffe, Mwannyinaffe Wood y'agirina emabega wali. Nnazze nayo ku makya nga njagala ngikuwe, naye ssa—ssaasobodde kugikuwa. Kuba ssa—ssaakulabye ku makya, naye Muky. Wood y'agirina.

561 Kati ku kye mbaddeko eky'okwanukula essimu ezikubibwa n'okuzuula e—ebintu eby'amaanyi ebikoleddwa. Waliwo omukyala eyankubidde, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnali mu lukuŋŋaana *lw'egindi* nnalina ekizibu *bwe kiti-ne-bwe kiti* kye nnali mmaze nakyo ebbanga bwe *liti*. Naye, omanyi, wayogera bwogezi nga oli waggulu eri, muli ne . . ." N'agamba nti, "Kaabula kata nzirike Omwoyo Omutukuvu bwe yayanjuluza obulamu bwange obwayita." N'agamba nti, "Era okuva olwo ssiddangamu kuba na kizibu ekyo."

562 Wabaddewo n'omukyala azze n'agamba . . . Nzikiriza waali ne wano akawungeezi kano, manya abadde wa kuvuga okuva mu Bedford, nzikiriza, oba mu kifo ekimu erudda eyo ajje. Kirabika, mutabani waabwe yali munda wano, nga alina obulwadde bw'omutima, nga ali mu mbeera mbi nnyo ddala. Era yali atudde wano mu lukuŋŋaana, Mukama n'a—n'atambula n'akwata . . . n'ayogera eri omulenzi n'amutegeeza ekimuluma, omulenzi yali tasobola na kuyimusa mukono gwe, nga alina n'obulwadde bw'omutima, nga n'omukono gwe gwonna gwafufunyala nga omutima gwe guli bwe guti. Naye olwali okutuula ati mu mmotoka ne bavuga ne baddayo eka, taddangamu kutawaanyizibwa buzibu obwo okuva ku olwo. Omukyala oyo eyavudde mu Bedford waali yatuuse? Wooli wano, nnyabo? Wuuli, emabega wali. Weewaawo, abadde yaakava okunkubira essimu gye buvuddeko katono.

563 Wabaddewo n'omukyala omulala ankubidde essimu okuva emmanga mu Evansville. Ye tasobodde kujja kubanga ali wala nnyo, yabadde tamanyi nga akawungeezi ka leero tunaabeera n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa. Naye aŋŋambye nti, "Ow'oluganda Branham, nnali ntudde mu lukuŋŋaana olwali mu Evansville," n'agamba nti, "wakyuka n'otunula mu kibiina n'ogamba . . . n'oŋŋamba amannya gange, ne bye nnakola, n'ekyali kinnuma, n'ebirala bwe bityo." N'agamba nti, "Nnalina embeera eyo eya asima, era nnabanga nnina okunyookeza eddagala lya Asthmador n'ebirala bwe bityo mu kisenge okuviira ddala nga nkyali muto." N'agamba nti, "Naye kati waakayitawo emyaka ebiri, era ssiddangamu kuba na buzibu obwo ekyo kasookedde kibaawo." Mukiraba?

564 Kati ku lw'abo abali wano akawungeezi kano, abataabaddewo ku makya kunyumirwa bujulizi; nnagenzeeko mu dduuka lya cakalacakala, okugulayo ddole, olunaku lw'eggulo. Kati, teyabadde yange, mukiraba. Yabadde ya kawala kange, ka Rebekah, akali erudda wali. Ate—ate Saala waliwo ekintu ekimu, kye yabadde agendako, leero. Abamu ku banne b'asoma nabo baabaddeyo n'engeri y'akabaga ak'okusanyukirako awamu, ak'amazaalibwa oba ekintu eky'engeri eyo, kale yabadde alina okubaako akalabo akatonotono k'agenda nako; kale nnabadde ngula ka ddole, akenkana nga *wano* obuwanvu. Ne wabaawo omukyala eyazze gyendi, n'ambuuza nti, "Onzijukira?"

565 Ne mmugamba nti, "Ssikakasa nga nkujjukira."

566 Naye nnagenze okukizuula, nga alina oluganda ku W'oluganda Neville ono wano, nti mu kiseera...we nnali ŋŋendera e Sweden, ba...Yajja wano, yalina akalenzi mu kagaali k'abalema, akaali kenkana nga omuto Edith atudde wali eri, era akalenzi ako bambi kaalina kkookolo, n'ekizimba ku bwongo. Nga omutwe gwako bambi gwekotese, era nga ka...nga abasawo bakawaddeyo wiiki ssatu zokka okuba nga kakyali kalamu. Baakatwala ne bakakebera, ne bazuula ekikaluma...kye kyali, ne bakawaayo wiiki ssatu zokka okuba nga kakyali kalamu. Era baakasindikira mu kagaali, oluvannyuma ne bakazza ku katanda kwe basitulira abalwadde bwe kaali kagenda mu kasenge okukakebera, bwe baamala ne bakakomyawo. Akalenzi ako nnagendayo ne nkasabira ne nsaba Mukama akawonye. Era olunaku lwennyini olwaddako, bwe baali bakazzaayo, ne kabagamba nti, "Sseetaaga kagaali ako."

567 Ne kayingira mu mmotoka ne bavuga ne bagendayo, bwe baatukayo omusawo n'ajjayo akatanda kwe basitulira abalwadde, akalenzi ne kagamba nti, "Sseetaaga katanda ako."

568 Ne kadduka ne kagenda katuula we bakakeberera, omusawo n'akakebera, n'agamba nti, "Kati nno," n'agamba nti, "mu kifo kya wiiki essatu, kati ŋŋenda kukuwa emyaka kikumi mu munaana gy'ogenda okuba omulamu."

569 Era, eggulo, maama waako yansisinkanye. Era ayinza n'okuba nga waali wano, akawungeezi kano, okusinziira ku bwe mmanyi. Era akalenzi kaabadde bweru nga kazannya mupiira, nga kati muvubuka. Ekizimba, kya kkookolo ku bwongo, kati ekyo kiraga bulazi nti...

570 O, enkumi n'enkumi z'ebintu eby'enjawulo, mukiraba. Katonda tayinza kulemererwa. Ye—Ye tayinza kulemererwa n'akatono.

571 Ow'oluganda John, eriiso lyo lirinawo enjawulo, ow'oluganda? Yafuna akabenje, yali akomerera omusumaali ne gumukuba mu liiso. Era ffenna tubaddenga tusabira

Ow'oluganda John O'Bannon, muganda waffe okuva mu Louisville eyafuna akabenje omusumaali bwe gwamukuba mu liiso.

572 Kati, ebibuuzo bino biva mu—mu buziba bw'emitima gy'abantu abatali bamu; abasoma Ebyawandiikibwa ne basangamu ebintu bino, naye nga te . . . ob'olyawo ku bwabwe tebasobola kubyanukula ne bawulira nga bamatidde, kale kye bavudde babituleetera wano tugezeeko okubyanukula. Kati ekyo mulaba obuzibu bwe kituteekamu; kubanga, kyonna ky'oyogera, babeera bagenda kukyenywerezaako. N'olwekyo oteekwa okukakasa nti oli mutuufu, era nange ndi . . . nga oli mukakafu ddala. N'olw'ensonga eyo, engeri yokka gye tusobola okukakasa nti tuli batuufu, leka tusabe Omwoyo Omutukuvu kaakano abituvvuunulire, nga bwe tukotese emitwe gyaffe.

573 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, o, nga mukisa gwa maanyi nnyo okugamba nti "Kitaffe" eri Omutonzi w'eggulu n'ensi ow'ekitalo. Era tukusaba ebibuuzo bino Obitwale mu kaseera kano Ggwe aba Abyanukula. Byawerezeddwa wano mu bwesimbu obungi ennyo ddala. Ayi Katonda, leka obwesimbu bwe bumu obwo bwe buba buva mu mitima gyaffe, obwesimbu obusingirayo ddala, okusobola okubyanukula mu ngeri esingirayo ddala gye tumanyi; tusaba kituwe.

574 Era leka okusaasira Kwo kubeere ku buli omu. Era leka wabeewo ekyogerwa mu kifo kino akawungeezi kano ekinaayamba buli muntu yenna ali wano. Era bwe tunaava wano, nga tumaze okusabira abalwadde wamu n'okusembera ku mmeeza n'ebirala, leka twogere nga bali abaali bava Emawo nti, "Emitima gyaffe tegyatubuguumiridde munda mu ffe bwe Yabadde ayogera naffe mu kkubo?" Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

575 Kati, nga bwe ŋŋambye emirundi mingi, nti o—okwanukulwa kuno ye—y'endowooza yange esingirayo ddala gye nnina eri ebibuuzo bino, era kati oluusi engeri gye mbyanukulamu ereetawo okukubaganya ebirowoozo okutonotono. Ekisooka wano, ndaba nga kintu kye nnali njogeddeko, naye era nga kizzeemu ne kibuuzibwa. Ssijja . . . kati njagala nkisome, bwe muba mwagala.

65. Mu kiseera Adamu ne Kaawa we baazaalira abaana baabwe mu Adeni, waaliwo abantu abalala mu nsi mu kiseera ekyo? Mu Lubereberye essuula ey'oku 5 n'olunyiriri olw'e 16, Kayini yatuula mu nsi ya Enodi n'amanya mukyala we.

576 Kaakati, ekyo kibuuzo ki—kirungi nnyo. Kati, tuyigirizibwa mu Bayibuli . . . Ate emirundi mingi bino . . . oluusi mu ngeri ey'obuteegendereza tu . . . Nnateranga okuteekawo akapapula, ne mpandiikako nti, "Buuza. Nja kukwanukula buli kibuuzo kyonna ekyekuusa ku Bayibuli."

577 Ne wabaawo eyabuuza nti, “Kale, ani yali mukyala wa Kayini?”

578 O, kati ekibuuzo nga ekyo nga nnyinza okukyanukula mu ngeri eri awo ey’okusaaga, ne ŋŋamba nti, “O, oyo yali muwala wa nnazaala we,” oba ekintu eky’engeri eyo, omanyi, oba—oba nga ŋŋamba nti “Yali ayitibwa Muky. Kayini.” Naye ekyo kiba tekyanukudde kibuuzo. Waliwo . . .

579 Wano walaga nti Kayini yalina omukyala, kubanga Bayibuli egamba nti yamulina. Era Kayini bw’aba nga yalina omukyala, ateekwa okubaako ne gye yamujja. Kale ekibuuzo kino kibeera kikwatagana bulungi n’ensonga eyo:

Waaliwo abantu abalala ku nsi mu kiseera Adamu ne Kaawa we baazaalira abaana baabwe mu lusuku Adeni?

580 Kaakati, bwe weetegereza obulungi, mu Bayibuli totera kusanga we baawandiikira ku kuzaalibwa kwa mukazi. Buli w’osanga waliwo kuzaalibwa kwa mwana wa bulenzi mu Bayibuli ye yawandiikibwanga, omukazi teyawandiikibwanga. Waliwo emirundi mitono nnyo ddala we boogerera ku kuzaalibwa kw’omwana ow’obuwala, mu Bayibuli. Oba, eky’amazima, bwe mba nzijukira bulungi simanyi nga nninayo awantu wonna we nzijukira mu kaseera kano, mu birowoozo byange, we kyali kiwandiikiddwa nga omwana azaaliddwa; okuggyako awagamba nti, “Ne bazaala abaana ab’obulenzi n’ab’obuwala.”

581 Kati, Bayibuli eyogera ku baana basatu bokka abaazaalibwa Adamu ne Kaawa, nga abo ye Kayini, Abeeri, ne Seezi. Kati, nga bwe kiri nti abasatu abo bonna baali basajja, singa kyali nti tewali mukazi yenna yazaalibwa, akaseera ne katuuka omukazi omu yekka eyaliwo (Kaawa) n’afa, oluse lw’abantu mu kaseera ako we lwandikomye, kubanga tewandibaddewo ngeri yonna gye bayinza ku—kufunamu . . . olulyo lw’abantu terwandibadde na ngeri yonna ya kweyongerayo, kubanga wandibadde tewasigadde mukazi yenna. Kaawa ye yandibadde omukazi yekka. Naye, olaba, tebawandiika kuzaalibwa kwa—kwa baana ba buwala, mu Bayibuli, n’olwekyo kitegeeza nti balina okuba nga baazaala abaana ab’obulenzi wamu n’ab’obuwala.

582 Kati, omuwandiisi ow’edda, omu ku bawandiisi ab’edda ennyo ddala gwe tulina, Josephus, agamba mbu baalina abaana nsanvu, Adamu ne Kaawa; omu ku bawandiisi ab’edda ennyo agamba baalina, “abaana nsanvu, era nga baali bawala n’abalenzi.”

583 Kati, ssinga . . . N’ekirala kati Kayini bw’aba nga yagenda mu nsi ye Enodi . . . Kati, singa oba weetegerezza bulungi, eyabuuzizza ekibuuzo kino yabadde mugezi nnyo, nnyo nga akiwandiika. Mwekkaanyizza engeri gye yakinokoddemu?

Mu Adeni, bwe baazaala abaana baabwe mu Adeni . . . Kati, si mu lusuku Adeni, eyabuuzizza ekibuuzo kino ekyo yabadde akimanyi. Yenna eyabuuzizza ekibuuzo kino, yagambye nti: **Mu kiseera Adamu ne Kaawa we baazaalira abaana baabwe mu Adeni . . .**

584 Ssi mu lusuku Adeni, kubanga mu lusuku Adeni baali baagobebwayo. Naye baali bakyali mu Adeni, era olusuku Adeni lwali mu buvanjuba bwa Adeni. Naye Adeni lyali nga ggombolola oba—oba ekintu bwe kityo . . . myanga lyali nga ssaza, ne Enodi nga nalyo ssaza ddala manyanga ggombolola ddala eryali ligiriraanye.

585 Kati, omuntu yekka Kayini gwe yali asobola okufuna, oba okuwasa, yali alina kuba mwannyina yennyini. Yali alina kuba mwannyina. Kubanga waaliwo omukazi omu yekka n'omusajja omu yekka mwe baali bayinza okuba nga be baavaamu, okiraba, kale yali alina kuwasa mwannyina. Kati, ekyo kyali kikkirizibwa mu biro ebyo.

586 Kuba ne Isaaka yawasa kizibwe we ddala yennyini, Lebbeeka, nga kyategekebwa Katonda. Saala yali mwannyina wa Ibulayimu, mwannyina nga bagatta omusaayi; nga baawula bannyaabwe, wabula nga kitaabwe y'omu. Mukiraba, Ibulayimu ya—yawasa mwannyina ddala bwe bagatta omusaayi; baali baawula bannyaabwe, naye nga kitaabwe y'omu.

587 Kati, mukiraba nti, mu biro ebyo okufumbiriganwa n'omuntu gw'olinako oluganda, o—omusaayi gw'olulyo lw'abantu bwe gwali tegunnanafuyizibwa, kyali kikkirizibwa era tekyalimu kabi konna. Naye leero tekikkirizibwa. Leero ssinga owasa mwannyoko, ne muzaala abaana, abaana abo bayinza oku . . . ob'olyawo, bayinza okuzaalibwa nga baliko ekikyamu n'ebirala eby'engeri eyo. Ka babeere bakizibwe abagatta jjajja n'abagatta jjajja w'abazadde baabwe nabo tebakkirizibwa kufumbiriganwa, mukiraba, kubanga omusaayi gugenda gusaabulukuka ne gugenda nga gunafuwa.

588 Naye ekintu kyokka mu kiseera ekyo Kayini kye yali asobola okukola, kwali, kuwasa mwannyina ddala bwe bazaalibwa. Era omwo mwe mwava abaana aba . . . Yafuna mukyala we, ne bagenda mu nsi y'e Enodi n'amumanya, era mu kumumanya okwo ne muvaamu a—abaana. Mukiraba, e . . .

589 Era bwe weetegereza obulungi, mu lunyiriri lwa Kayini mwavaamu abasajja abagezigezi. Mu lunyiriri lwa Seezi ne muvaamu abasajja abasinza, ntegeeza, o—omuzabbibu ogw'obutuukirivu. Mu babiri abo, mwennyini, mwe muva olunyiriri lwennyini mwe tuli leero.

590 Kati ssinga weetegereza bulungi olwa leero, (nga mmaliriza ekibuuzo kino): olunyiriri lwa Kayini olwo lukyaliwo na buli kati, n'olunyiriri lwa Seezi nalwo lukyaliwo na buli kati. Ennyiriri ezo zombi zeeyongera mu maaso. Abaana ba Kayini

weebali wano mu Jeffersonville akawungeezi kano, n'abaana ba Seezi nabo weebali wano mu Jeffersonville akawungeezi kano. Omusaayi ggwo gugenda gunafuwa nga bwe gusaabulukuka, naye olunyiriri olwo na buli kati lukyaliwo lukyeyongera mu maaso.

591 Kaakati, mulabeeyo. Abaana ba Kayini lubeerera be... n'okuzikiriza kw'amataba bwe kwali tekunnabaawo, be baali abantu abagezigezi: be baali bannassaayansi, be baali abayigiriza abalala; era nga be bannaddiini ennyo, naye ate be baali ekibinja ekyasalirwa omusango. Mukiraba? Kati mulabeeyo, baali nga jjajjaabwe Kayini yennyini. Kayini, yali muntu munnaddiini. Yazimba ekyoto ekirungi, n'awunda ekkanisa erabika obulungi, n'agezaako n'okugiyooyoota esinge ku kafo kali Seezi ke yalina emmanga eri we yasinzizanga. Ekyo mubadde mukimanyi? Ddala ya...Ekyoto kyonna yakiyooyoota n'akitimbako ebimuli, n'akiwunda n'akinyiriza, ne kiba nga kirabika bulungi okukamala; n'akola ekkanisa ennene, ddala, bwaguuga, ey'ekitalo, kubanga yalowooza nti anaafuna okuganja eri Katonda bw'anaakola ebyo.

592 Naye ye Abeeri yagenda n'afunayo akaliga, n'akawalaawala n'akatwala ku kyoto, n'akagalamiza ku lwazi n'akatta.

593 Kale kati, Katonda nga bw'ali omwenkanya, bw'Aba nga kyokka kyokka kye yali yeetaaga kwali kumusinza businza, Kayini yasinza Katonda mu bwesimbu ddala nga ne Abeeri bwe yamusinza. Bombiriri baali beesimbu. Bombiriri baali bagezaako kufuna kisa eri Katonda. Ku bombiriri tekuli n'omu yali mukaafiiri. Bombi, awatali kubuusabuusa kwonna, baali bakkiririza mu Yakuwa. Kati, ekyo, kituwa eky'okulowozaako.

594 Abamu ku mmwe abali wano akawungeezi kano, muli bantu be ssirabangako; ssibalabangako mu bulamu bwange. Naye kino muteekwa okukitegeera, era mukikuumire mu birowoozo byammwe. Mukiraba? K'obeere munnaddiini okwenkana wa, ekyo tekirina makulu gonna ge kikola. Osobola okuba nga obeera mu kkanisa, osobola okuba omwesimbu ennyo, naye ate nga wabula! Mukiraba?

595 Muyinza n'okugamba nti, "Kati nno," ne mugamba nti, "ffe abasumba baffe be basingayo obugezi, baasooka na kugenda mu matendekero ga bya ddiini ne bafuna obuyigirize obusingirayo ddala. Baasomerera eby'eddiini, bamanyi buli kimu—buli kimu kyonna ekikwata ku by'eddiini n'ebirala byonna. Era basajja boogi ba bwongo, baatendekebwa, be basingirayo ddala... be beerobozebwamu okuba abasingirayo ddala be tumanyi." Naye basobola okubeera ebyo byonna naye ate nga baabula! Mukiraba?

596 Kati Kayini, mu lunyiriri lwe: bonna, baali, bannaddiini nnyo; nga bantu ab'ettutumu ddala; era baali bannassaayansi, basawo, bazimbi, era nga bakozi, nga basajja boogi ba bwongo.

Naye olunyiriri olwo lwonna lwagaanibwa, okuva ku Kayini okweyongerayo.

597 Naye ku ludda lwa Abeeri: tebaali bazimbi wadde okuba abayigiriza abalala oba okuba abasajja aboogi b'obwongo; bo, okusinga, baali bawombeefu, balunzi ba ndiga bwe batyo, n'abalimi, abaatambulanga olw'okuluŋŋamizibwa kw'Omwoyo.

598 Kati, Bayibuli egamba nti, "Tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatagoberera kwegomba kwa mubiri wabula abagoberera Omwoyo." Omuntu ow'omwoyo alina emmeeme ey'omwoyo etayinza kufa. Ate omuntu ow'omubiri abeera n'embeera ey'eddiini ebeera emwetoolodde (era abeera ayagala okusinza n'ebiringa ebyo) naye nga wa mubiri; si oyo atakkiriza, wabula omukkiriza ow'omubiri; era oyo ky'ekika kya bali abaagaanibwa.

599 Kati, okuva awo, Kayini yagenda n'awasa mukyala we mu nsi ya Enodi. Kati, teyogera ani Seezi gwe yawasa, oba bali abalala be baawasa. Naye ekintu ekirungi ennyo ekiri mu ekyo kwe kukitegeera nti—nti, ekibuuzo ekikwata ku kuwasa kwa Kayini, tukirinako eky'okuddamu. Kubanga yalina kuwasa mwannyina, bwe kitaba ekyo . . . bwe kitaba ekyo nga waaliwo . . .

600 Tewaaliwo bakazi balala ku nsi, naye bonna baalina kuva mu Kaawa. Ye yali nnyina w'abo bonna abalamu. Ekitegeeza nti, abantu bonna abaaliwo, ye yali nnyabwe. Eyo y'ensonga lwaki yali . . . Ekigambo *Kaawa* kitegeeza "nnyina w'abo bonna abalamu." N'olwekyo yajja n'azaala omwana ono. Bw'atyo Kayini yawasa mwannyina ddala bwe baali bazaalibwa, y'engeri yokka gye nnyinza okukirabamu. N'olwekyo waaliwo abantu abaaliwo mu biro ebyo, ekyo ddala kituufu. Mukiraba? Kale, era . . .

> **Adamu ne Kaawa bwe baazaala abaana baabwe mu Adeni . . .** Kaakati mwetegereze, ekyo ky'ekibuuzo: **Bwe baazaala abaana baabwe mu Adeni, waaliwo abantu abalala ku nsi mu kiseera ekyo?** Nedda! **Kati mu Lubereberye 5:16, mukiraba, Kayini n'abeera nsi mu ya Enodi n'amanya mukyala we.** Ddala. Mukiraba?

601 Ekyo kiri mu Olubereberye 1, we Yatondera omuntu mu kifaananyi Kye Ye, nga gwe gwali omubiri ogw'enkula ey'omwoyo. Ate mu Lubereberye 2, n'Akola omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, nga oyo ye muntu ow'omubiri gwe tulina kati. Ate okuva awo, mu ssuula ey'oku 3 kwe kwali okugwa, n'agobebwa mu lusuku Adeni; olwo abaana ne bazaala abaana. Kayini n'alyoka atwala mukyala we n'abeera naye mu nsi ya Enodi, wabweru, kubanga Katonda yali amwawudde aleme kutabagana na muganda we (olw'okufa kwa—kwa Abeeri). Era oyo gwe yatwala, mwannyina ddala bwe baali baazaalibwa, era gwe

yawasa; y'engeri yokka gye nnyinza, nga nze, gye ndaba gye—gye yawasaamu.

602 Kati, kizze kyogerwa nti...Era nsuubira nga mikwano gyange abaddugavu abali wano munansonyiwa olw'enjogera eno, kubanga si ntuufu n'akatono. Omulundi gwe nnasooka okusisinkana omuntu yenna mu bulamu bwange, nga mmaze okulokoka...Nnali...nnasisinkana Ow'oluganda George DeArk ne banne emmanga eri. Era nnali ntambula, Mukama n'abaako akafo akamu gye yannuŋŋamya okugenda. Era baali eyo nga boogera ku wa omuddugavu gye yava. Era baali bagezaako okugamba nti omuddugavu, mbu Kayini yawasa nsolo eyali efaananamu nga ezzike, era mbu abaddugavu omwo mwe baava. Kati, ekyo kikyamu! Ekyo kikyamu, nnyo nnyo! Era temukikkirizanga. Kubanga tewaaliwo bantu baddugavu oba beeru, oba aba langi endala yonna, waaliwo abantu ba kika kimu kyokka okutuusa amataba lwe gaabaawo. Amataba bwe gaamala okubaawo wamu n'omunaala gw'e Baberi, awo we baatandikira okusaasaana, era we baatandikira okuba ne langi ez'enjawulo n'ebirala byonna. Bonna baasibuka ku muti gwe gumu. Ekyo ddala bwe kiri. Adamu ne Kaawa be baali taata ne maama, ab'oku nsi, aba buli kitonde ekiramu eky'abantu ekyali kibadde ku nsi. Ekyo bwe kiri. Omuddugavu, omweru, owa kikuusikuusi, owa kataketake, owa kyenvu, oba oli wa langi ki, langi eyo yava ku kifo ekyo gy'obeera, n'engeri e—e... Okufaananako ne...

603 Ndowooza na kino ka nkikkaatirize nga bwe nkyali ku nsonga eno. Abantu wano mu kiseera kino abali mu kusosolagana mu langi kuno n'okuteekawo amateeka n'ebintu ebitali bimu bye bayisa, ku bwange ndowooza bya bwewussa. Ddala ndowooza nga bya bwewussa. Muwulirize, abantu abo mubeesonyiwe, kye baagala bakimanyi. Katonda yakola omuddugavu nga muddugavu, era musanyufu olw'ekyo ky'ali. Mazima ddala! Singa Katonda yankola ndi muddugavu, nnandibadde musanyufu olw'ekyo kyendi; singa Yankola ndi wa katakketake, nnandibadde musanyufu; bwe Yankola nga ndi muzungu, ndi musanyufu; singa Yankola ndi wa kyenvu, nnandibadde musanyufu. Katonda ye yatukola mu langi zaffe ez'enjawulo ze tulina, era Yatukola nga bwe Yali atwagala, era ffenna tuli baana Be. Mazima ddala! N'olwekyo tebalina kusika muguwa na kweyisa bwe bwatyo. Ekyo kikyamu okukikola. Tebasaanye kukikola. Katonda ye yatukola...nga bwe tukyagala.

604 Kati n'omuddugavu, tayagala kutabika musaayi gwe kusaanyaawo buzaaliranwa bwe—bwe oba langi ye, nga agitabula n'ey'omuzungu n'endala ez'abalala. Ssimunenya. Ssimunenya. Waliwo ebintu omuddugavu by'alina omuzungu by'atalina. Ekyo ddala kituufu! Bwe kiri. Ne Katonda teyakigenderera kubeera nga beetabika mu ngeri eyo.

605 Naye, mulabeeyo. Omuddugavu ali . . . a—a . . . alina—alina endowooza ey'enjawulo mu ye omuzungu gy'atasobola kuba nayo. Mu ye temuli kweraliikirira kwonna, alina endowooza egamba nti "weesige Katonda, ebisigadde obireke"; oba akifunye oba takifunye, asigala musanyufu. Nnandyagaddde nnyo okuba n'endowooza bw'etyo, akawungeezi ka leero, ddala nnandikyagadde. Naye kati, omuddugavu agirina, era endowooza eyo kya bugagga kye; era, tebaagala kugigattika na ndowooza ya lulyo lulala lwonna kugisaabulula. Ekyo ddala kituufu.

606 Ndowooza omukyala omu okuva emmanga eri mu Shreveport yayogera ebigambo ebikyasinzeeyo—ebikyasinzeeyo okuba ebirungi bye nnali mpulidde mu bulamu bwange. Alina ebigambo bye yayogera, ne babifulumya mu lupapula lw'amawulire. Yeesowolayo, n'agamba nti, "Ebintu bino engeri gye bijja bibaawo, mu kusosolagana mu langi kuno, ssaagala baana bange kusomera mu ssomero lya bazungu eryo." N'agamba nti, "Tebajja kufuna kufiibwako kwe bandifunye singa babadde n'omusomesa omuddugavu." Omukazi oyo yali mukazi mugezi nnyo. Kye yali ayogerako yali akimanyi, abaana abo bafuna okuyigirizibwa okusingako. Ekyo ddala bwe kiri. Kale ndowooza nga abantu bakola kikyamu okukola ekintu nga ekyo.

607 Ne bagamba n'okugamba mbu, "Kayini ne Abeeri . . ." n'ebirala eby'engeri eyo bye boogera. Nedda, ssebo! Langi y'olususu si y'ensonga. Ensonga eri ku mwoyo ogwo oguli munda w'olususu olwo. Ekyo ddala bwe kiri.

608 Kale Kayini yamanya mukyala we, era nga oyo yali mwannyina. Era ne ba . . . n'amutwala mu nsi ya Enodi, era omwo ne muvaamu ebika by'abantu ebinene ebiri ku nsi: bannaddiini n'abasinza.

609 Naye kati njagala olowooze ku kino, mukwano gwange, sooka olowooze ku nsonga eno. Nti waliwo enkumi n'enkumi nga zikubisiddwamu emitwalo n'emitwalo nagyo ne gikubisibwamu nkumi na nkumi, nga abo bonna bantu abagenda mu kkanisa, nga beesimbu nnyo ddala era nga beeweereddeyo ddala eri ekkanisa eyo nga bwe basobola, naye nga baabulira ddala nga Kayini bwe yabula. Mukiraba? Katonda ye Yeeroboza! Katonda y'Alonda! Mukiraba? Katonda y'Asaasira! Ebbumba teririna kye liyinza kugamba mubumbi, omubumbi y'asalawo ekikolebwa ku bbumba. Bwe kiri.

610 Kati wano waliwo ekibuuzo ekirungi, kino ekiddako wano:

Mu Peetero Eky'okubiri 2:4—2:4 . . .

611 Bwe wabaawo alina Bayibuli, bw'oba osobola, njagala obikkule Ebyawandiikibwa bino mangu ddala nga bwe mbisoma, onnyambeko wano, nga bwe twanukula ekibuuzo kino.

612 Kati, ku kino ekibadde kibuuza ku Kayini ne—n'ebirala, bye nkwanukudde bwe biba tebikumatizza, nkusaba oddemu otutegeeze. Tunaasanyuka . . .

613 Kati Peetero Eky'okubiri 2:4. Kale, ssebo, kiikino:

66. Peetero Eky'okubiri 2:4, "Kuba oba nga Katonda . . . Kuba oba nga Katonda teyasonyiwa bamalayika bwe baayonoona, naye n'abasuula mu lukonko," kati lwaki Kristo yabuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera, mu Peetero Ekisooka 3:19?

614 Kati, tugenda kusooka tusome, Peetero 2:4. Kale:

> *Kuba oba nga Katonda teyasonyiwa bamalayika bwe baayonoona, naye n'abasuula mu—mu lukonko, n'a—n'abawaayo eri obunnya obw'ekizikiza, okubakuumira omusango;*

615 Kati, kaakati leka tulabe ate mu Peetero Ekisooka (ekyo kibadde mu Peetero Eky'okubiri), kati Peetero Ekisooka 3:19, muwulirize kino. Kiikino, wano wennyini. Bino byakaweerezebwa, y'ensonga lwaki nnabadde ssaabiwandiise.

> *. . . era gwe . . . yagenderamu n'abuulira emyoyo egiri mu kkomera;*

616 O, weewaawo, kye kino wano. Leka tutandikire emabegako, ku lunyiriri olw'e 18:

> *Kubanga era ne Kristo . . . yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu, atuleete eri Katonda, bwe yattibwa omubiri, naye n'azuukizibwa Omwoyo:*
>
> *Era gwe yagenderamu n'abuulira emyoyo egiri mu kkomera;*
>
> *Edda abataagonda, . . .*

617 Kati mukwano gwange omwagalwa, ssinga wasomye olunyiriri oluddako, Lwandibadde lukikunnyonnyola. Okiraba?

> Olumu *abataagonda, okugumiikiriza kwa Katonda bwe kwali nga kulindirira mu nnaku za Nuuwa, eryato bwe lyali* likyazimbibwa, *amazzi mwe gaalokolera abantu, si bangi, gye myoyo omunaana.* (Okiraba?)

618 Kati, bwe weetegereza obulungi wano, ndowooza omubuulizi ono alinawo ekintu ekirala ekikwata ku . . . ekyekuusa ku nsonga y'emu, kye tunnaayanukula oluvannyuma.

619 Peetero Ekisooka 4 . . . manya 2:4, bwe weetegereza wagamba nti, "Kuba oba nga Katonda teyasonyiwa bamalayika," ekigambo ekyo *bamalayika* kiwandiikiddwa kitya? Kya nyukuta ntono "ba." Okiraba? Kati, bw'odda wano eno, "emyoyo egyali mu kkomera egiteenenya mu kugumiikiriza okwaliwo mu nnaku za Nuuwa," era bamalayika be bamu. Baali bantu: ababaka, ababuulizi; "teyasonyiwa bamalayika." Mubadde mukimanyi nti e . . . ekigambo *malayika* kiva mu kigambo "omubaka"? Bameka

abakimanyi nti *malayika* kitegeeza "mubaka"? Ddala bwe kiri, malayika aba mubaka, "naye Teyasonyiwa bamalayika." Mukiraba?

620 Ne wano eno mu Abaebbulaniya, mujjukira nga twakakiyigirizaako wiiki ntono ezaakayita ekya, "bamalayika"?

621 Ne mu Abae-. . . mu Kubikkulirwa awagamba nti, "Eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Saadi wandiika bino. Eri malayika ow'ekkanisa ey'omu Efeeso wandiika bino. Eri malayika ow'ekkanisa . . . " Mubijjukira? Era nga twanoonyereza amakulu g'ekigambo *malayika*, mu nkuluze, ne tukizuula nga kitgeeza "omubaka." Asobola okubeera "omubaka ow'oku nsi, omubaka asukkulumye ku ddaala ery'obutonde," ge makulu g'ekigambo *malayika*.

622 Kati ku nsonga eno, singa tukozesa enkuluze y'ebyawandiikibwa ne tunoonya amakulu gaakyo, mujja kukizuula nga amakulu agasooka ga "babaka, ababaka abaasooka." Mukiraba, "Oba nga . . . Oba nga Teyasonyiwa . . . Kubanga oba nga Katonda teyasonyiwa bamalayika abaayonoona," (Mukiraba?) "wamu n'ebitonde ebisukkulumye ku ddaala ery'obutonde," (Mukiraba?) "oluvannyuma lw'okulindirira . . . "

Kati mulabeeyo, agamba nti:

> *. . . kuba oba . . . teyasonyiwa bamalayika bwe baayonoona, naye n'abasuula mu lukonko, n'abawaayo eri obunnya obw'ekizikiza, okubakuumira omusango;*

623 Bwe tumala tuddemu twekkaanye ekiri wano eno mu Peetero Ekisooka, 3:19, kaakati mulabe bwe kigamba:

> Kuba *gwe yagenderamu n'abuulira* eri *emyoyo egiri mu kkomera;*
>
> *Edda abataagonda, okugumiikiriza kwa Katonda bwe kwali nga kulindirira mu nnaku za Nuuwa, . . .* (mukiraba, baali babaka ab'omu biro ebyo, babaka) . . . *eryato bwe lyali* nga likyategekebwa, *amazzi mwe . . . gaalokolera abantu si bangi, gye myoyo omunaana.*

624 Kaakati bwe weetegereza ebitonde ebyo bwe byali mu Ggulu. Kati, mu Kubikkulirwa 11 . . . manyanga essuula ey'omu 7, nzikiriza . . . manya nedda, nedda, essuula ey'e 12. Awa ekifaananyi ky'omukazi nga ayimiridde; nga ku mutwe gwe kuliko omwezi n'enjuba . . . manya, nga ku mutwe gwe kuliko enjuba nga alina n'omwezi wansi w'ebigere bye. Nga ogusota ogumyufu guyimiridde gulinze okulya Omwana amangu ddala nga Yaakazaalibwa, ne guwuuba ogukira gwagwo ne guwalula ekitundu eky'okusatu eky'emmunyeenye ez'omu Ggulu ne guzisuula ku nsi. Ekyo mwali mukyetegerezza? Kaakati, ekyo tekitegeeza nti Ssetaani alina o—ogukira oguwanvu

gwe yawenduzanga abantu, naye "ebigambo ebikyamya bye *yayogera*," n'awalula kimu kya kusatu eky'emmunyeenye ezo. Emmunyeenye ezo baali zzadde lya Ibulayimu.

625 Ibulayimu yagamba nti, "O . . . "

626 Katonda yagamba Ibulayimu nti, "Tunula waggulu mu bwengula, obale emmunyeenye ezibulimu bw'oba osobola."

627 N'agamba nti, "Sisobola kuzibala."

628 Katonda n'amugamba nti, "N'ezzadde lyo tolisobola kulibala," emmunyeenye.

629 Ani Mmunyeenye Eyakaayakana ey'oku Makya? Yesu ow'e Nazaaleesi, esingayo okwakaayakana mu zonna ezaali zibaddeko mu mubiri gw'obuntu. Ye Mmunyeenye Eyakaayakana ey'oku Makya. Era ye Zzadde lya Ibulayimu, eryajja okuyita mu Isaaka. Era naffe, bwe tufiira mu Kristo, tufuuka Ezzadde lya Ibulayimu era tuli basika okusinziira ku kisuubizo.

630 N'olwekyo emmunyeenye ez'omu ggulu wano zaali zooleka myoyo gy'abantu. Era ogusota ogumyufu (Rooma, bwe yali eyigganya) gwawalula ebitundu bibiri bya kusatu ebya . . . manyanga ekitundu kimu kya kusatu eky'emmunyeenye, ne guzisuula wansi, nga ekyo kyaliwo mu kukomererwa kwa Mukama waffe Yesu ku musaalaba bwe baamugaana n'A . . . ne bamugobera ebweru ne bamwesambira ddala obutabaako kakwate konna naye; ekyo kye kyali ekitundu eky'okusatu ekya bamalayika emmunyeenye, bamalayika.

631 Mukiraba, mu mubiri gwo, munda mu ggwe . . . (tulina ekibuuzo ekirala ekikwata ku ekyo, kyennyini, eky'okukyanukula mu ngeri esingako awo). N'olwekyo bwe . . . Munda mu ggwe mulimu omwoyo, omuntu omulala. Ku ngulu oli muntu mulala, ne munda oli muntu mulala. N'olwekyo ekiri munda mu ggwe ky'ekyo ekisukkulumye obutonde, ate ekiri ku ngulu ky'eky'omubiri. Okiraba? Era ekitonde kino, Omwoyo bw'aba y'akukulembera, nga okulemberwa Katonda, ofuuka mubaka wa Katonda, oba malayika. *Omubaka* wa Katonda, ne *malayika* wa Katonda, bitegeeza ekigambo ky'ekimu; tosobola kubyawula: omubaka wa Katonda, oba, malayika wa Katonda.

632 Kati ku bombi ani asinga munne obuyinza? Malayika avudde mu Ggulu oba malayika ali mu kituuti? Ani asinga obuyinza? Ye malayika ali mu kituuti! Pawulo yagamba nti, "Ne bw'abeera Malayika avudde mu Ggulu singa ajja n'ababuulira enjiri endala eyawukana ne gye nnababuulira, akolimirwe." N'olwekyo malayika afukiddwaako amafuta g'Omwoyo Omutukuvu nga alina Ekigambo ayimirira ku lusegere lwa Katonda. Ekyo ddala bwe kiri. Mu Ggulu, obuyinza bwe . . .

633 "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu Ggulu ne ku nsi mu mukono Gwange. Mugende, Nange nnaagendanga nammwe.

Buli kye mulisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu. Buli kye mulisumulula ku nsi, Nange ndikisumulula mu Ggulu."

634 O, nnyabula ssinga Ekkanisa entukuvu ey'ekitalo etegeera amaanyi gaayo ag'okukola ebintu bino! Naye waliwo okubuusabuusa kungi nnyo wamu n'okutya n'okukankana, nga beebuuza oba kinaabaawo, "Naye ddala kinaabaawo?" Ebyo kasita biba nga bikyaliwo, Ekkanisa teyinza kuyimirira mu kifo kyayo ekituufu. Naye enjogera zonna ez'okutya bwe zivaawo Omwoyo Omutukuvu n'aba nga Ekkanisa y'agifuga mu bujjuvu, awo okutya kwonna kuggwaawo, era Ekkanisa eyo eba n'amaanyi. Mukiraba? Kubanga, buli kimu kyonna Eggulu kye lirina kiri mabega waabwe. Babaka ba Ntebe ya bwakabaka. Ddala kye bali! Omubaka wa Kristo alina obuyinza, era buli kintu kyonna Kristo ky'alinako obwannanyini kibeera kya mubaka oyo. Era Yagamba nti, "Mugende mu nsi yonna, muliba bajulirwa Bange Omwoyo Omutukuvu bw'alibakkako." Kati omujulirwa y'ani? Ye mubaka; kwe kujja n'abaako ne ky'awaako obujulizi. Amaanyi g'Eggulu gonna mugalina mu ngalo zammwe! O, naye lwaki tutuula butuuzi? Ekkanisa n'etabaako bibala byonna by'ebala, ne tutuula butuuzi nga tetulina kintu kyonna kye tukola. Lwakuba tetukitegeera nti ebintu bino tubirina.

635 Kaakati, emmeeme ezaali mu kkomera (eziteenenya), tebaali Bamalayika abaali—abaali bassiddwa wansi mu nkula eya Bamalayika, wabula gyali myoyo gya bamalayika bali abaagwa nga ensi tennatondebwa, mu kiseera kiri olutalo we lwayindira mu Ggulu. Ssetaani ne—n'ogusota bwe baalwanagana, ne . . . manyanga Mikayiri ne—ne—n'ogusota bwe baalwanagana (ne Lusifa). Lusifa n'agoberwa ebweru n'abaana be bonna (bamalayika bonna be yali alimbye), bwe batyo bamalayika abo ne bajja ku nsi ne babeera nga baalina okufuuka abantu. Era bwe baafuuka abantu, weewo "abaana ba Katonda we baalabira abawala b'abantu nga balungi, ne babeefuniramu abakazi."

636 Baana ba Katonda. Buli muntu yenna azaalibwa ku nsi kuno mwana wa Katonda. Si nsonga oba mwonoonyi oba kiki ky'ali, mwana wa Katonda. Yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda olw'okutendereza Katonda, bw'atyo bwe yatondebwa. Naye Katonda ku lubereberye yamanya ani alimusembeza ne ani atalimusembeza. Bw'atyo Yasobola okwawulirawo, manya, si kwawulirawo, naye olw'okumanyirawo kw'ebintu nga tebinnabaawo Yasobola okumanya ani alirokoka ne ani atalirokoka, kubanga Yamanya buli muntu omwoyo gw'aliba nagwo.

637 Kati emyoyo egyo egyava awaali Entebe ya Katonda ey'obwakabaka, era egyayimiriranga mu maaso g'Entebe ya Katonda, era egyaliwo . . . obuwumbi n'obuwumbi n'abutabalika bw'ebiseera nga ensi tennatandika, nga giri mu Maaso ga

Katonda, olowooza giyinza okuba nga tegirina kye gimanyi ku bikwata ku kusinza? Kale gyakka wansi era ne gyesogga abantu, era gisinza Katonda! Mazima ddala, gisinza Katonda; era Katonda gimutegeera, era migezi, mikujjukujju, era miyivu, lubeerera. Naye Katonda yagigaanirawo okuviira ddala ku ntandikwa!

638 Kale n'olwekyo, mukwano gwange, okuba n'ekkanisa gy'otwalibwa okuba mmemba, oba—oba okubaako ne by'otegeera ku bikwata ku njigiriza y'eddiini oba ekintu eky'engeri eyo, byonna tebirina kakwate konna na Kyo. Gulina kuba Musaayi gwa Yesu Kristo n'okuzaalibwa obuggya bye bikugatta awamu Naye nga omuntu omu. Kiikyo.

639 Katonda, ku ntandikwa bwe Yakimanya nti . . . Abasajja n'abakazi baakolebwa bali omu, so si babiri, baakolebwa bali omu. Baayawulwa bwawulwa, omu n'ateekebwa mu mubiri ogw'ennyama omulala mu mubiri ogw'enkula ey'omwoyo. Ekyo Yakimanya. Kati ekyo okusobola okukibakakasa: Katonda bwe yakola omukazi, talina ttaka lye Yayoola kumukolamu nga bwe yakola ku musajja; Yasowola lubiriizi okuva ku mbiriizi za Adamu, bw'atyo omukazi n'afuuka ekyo ekiggyiddwa mu musajja (kubanga omukazi kitundu ku musajja). Kati mukitegeera? Mukiraba? Kiikyo.

640 Abo be bamalayika abo. Era ne Katonda na buli mwoyo ogugattibwa awamu ne Katonda babeera Omwoyo gumu. Ekyo ddala bwe kiri. Kati, Omwoyo wa Katonda abeera mu Kkanisa, gwe Mwoyo ogwava mu Ggulu, Katonda gwe yamanya nga n'ensi tennatondebwa, ogwagaana obulimba bwa ssetaani. Era omwoyo ogwo gwalina okwambala omubiri ogw'obuntu okubeera . . . okusobola okuyita mu kugezesebwa kwagwo. Gwalina okwambala omubiri nga n'emyoyo giri emirala bwe gyayambala emibiri, olwo gyonna wamu ne gyambala ekikoligo kye kimu ekyenkanankana. Era Katonda, eri ku ntandikwa, yamanya myoyo ki egyali egy'okugonda, n'egyali egy'okujeema. Kiikyo. Ssetaani oyo mugezi nnyo n'abalonde bennyini yandibalimbye, singa kyali kisoboka.

641 N'olwekyo emyoyo gino, bamalayika bano abaabuulira, abaali mu kkomera; *bamalayika*, singa weetegereza bulungi wano eno, ennyukuta eno "ba" esooka nnyukuta ntono ekiteegeza nti "muntu"; bamalayika, ababaka wano ku nsi. Baayonoona, era engeri yokka gye baali basobola okwonoona bwalina kuba butakkiriza! Era engeri . . . Baalina amadiini agaabwe, na bwe kityo tebakkiriza bubaka bwa Nuuwa. Tebakkiriza bubaka bwa Enoka. Bwe batyo baagaana Obubaka bwabwe, "ne basalirwa omusango," Bayibuli egamba baasalirwa omusango.

642 Enoka yalagula gye bali, n'abagamba nti, "Mukama ajja n'obukumi bw'abatukuvu Be."

643 Nabo ne balagula. Nuuwa n'azimba ekyombo, ne bagamba, "Oyo mutukuvu eyeevulunga! Oyo muzoole! Ebyo eby'enkuba okutonnya tebiriiyo." Ne wayitawo emyaka kikumi mu abiri, ate ye yalina eddiini omwali obulokozi, ekkubo ery'obuddukiro lyabaweebwa, naye baasigala bamatiridde mu mbeera yaabwe mwe baali.

644 Ne leero bwe kityo bwe kiri, abantu bamativu mu mbeera yaabwe mwe bali. Naye waliwo ekkubo ery'obuddukiro, era nga ekkubo eryo liri kuyita mu Yesu Kristo. Amiina. Kiikyo: ekika kye kimu, emyoyo gye gimu.

645 Ate baali basajja bannaddiini abawedde emirimu, nga bannaddiini kayingo, naye ekirayiro ky'endagaano baakisubwa.

646 Ne leero bwe kiri. Omuntu agenda mu kkanisa, ne yeegatta ku kkanisa ez'amaanyi, n'agezaako nga bw'asobola okulaba nti afuuka omuntu asingayo okuba ow'erinnya mu kibuga. Bw'ayagala okubaako ekkanisa gye yeegattako, afunayo esingirayo ddala okuba ey'amaanyi mu kibuga, esingayo obulungi mu zonna era ey'erinnya mu kibuga. Okuyitibwa okwo okutuufu nga kubali wala nnyo! Nga kubali wala!

647 Engeri yokka gy'ojja okutegeeramu Yesu Kristo kwe kuyita mu kubikkulirwa okw'omwoyo, so ssi kuyita mu kusomerera bya ddiini na kuyiga nnyo bikwata ku Bayibuli. K'obeere nga oli wa nzikiriza ya Ssayansi ow'Ekikristaayo, oba oli Mumesodisiti, oba oli wa nzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa, oba kyonna ky'oli; ka kibeere kiki kyonna ky'oli, tolimutegeera nga oyita mu Kigambo, wabula Omwoyo wa Katonda y'amukubikkulira. Kulina kuba kubikkulirwa kwa mwoyo!

648 Adamu, nga ali mu lusuku Adeni, ne Kaawa, abaana abo bwe baagoberwa ebweru, tulaba Kayini nga ajja n'enjigiriza y'eddiini ennungi okukamala. Yagamba nti, "Katonda alina okukitegeera nti kino tukikola okuviira ddala mu ekyo ekisingirayo ddala—ekisingirayo ddala ekiri mu mitima gyaffe. Ŋŋenda kuzimba ekyoto ekirabika obulungi, ŋŋenda kukiyooyoota n'ebimuli, ŋŋenda kukiyooyoota n'ebibala, ŋŋenda kukiyooyoota kirabike bulungi ddala. Ddala weewaawo Katonda nsobola okumusanyusa na bino ne mmukakasa nti ddala ndi mwesimbu mu mutima gwange." Weewaawo okusinziira ku Kigambo yali mutuufu; Katonda yali ayagala kusinza, bw'atyo yagenda n'asinza. Yakola ekifo ekirabika obulungi eky'okusinzizaamu, lutikko ennene, galikwoleka (nga bwe bagiyita leero). N'agiyooyoota n'erabikira ddala bulungi, yagizimba bulungi ddala n'agiteekamu n'ekyoto; teyali mukaafiiri.

649 Naye Abeeri, nga asinziira ku Kigambo kya Katonda . . . Tewaaliwo Bayibuli mpandiike mu kiseera ekyo, naye Katonda *yakimubikkulira* nti tekyali kibala bubala nti kye kyabaviirako okugobebwa mu lusuku Adeni, tezaali apo nti Adamu ne Kaawa

ze baali baalya, wabula yali nsonga ya kwegatta mu kikolwa kya bukaba bwennyini ye yali yabaawula n'okubaawukanya n'ebaawukanya. Era bwe yakitegeera nti baali baafuuka abantu abafa, okuyita mu musaayi gwa Adamu, n'okuyita mu musaayi gw'omusota ogwali gwavaako kino, Abeeri, olw'okubikkulirwa okuva eri Katonda, yagenda n'afuna omwana gw'endiga n'aguwaayo nga ssaddaaka. Katonda n'agamba nti, "Ky'Ekyo kyennyini!" Mazima.

650 Bwe bakka okuva ku Lusozi olw'Okuwaanyisibwa, Yesu yababuuza nti, "Abantu Nze Omwana w'omuntu bampita ani?"

651 "Abamu bagamba ye Ggwe 'Musa,' abalala bagamba ye Ggwe 'Eriya,' abalala bagamba ye Ggwe 'Yeremiya,' ate abalala bagamba ye Ggwe 'Nnabbi oli.'"

652 N'ababuuza nti, "Naye mmwe mumpita Ani?"

653 Peetero n'amuddamu nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda Omulamu."

654 Yesu n'amugamba nti, "Olina omukisa ggwe, Simooni Ba-yona, kubanga omubiri n'omusaayi kino si bye bikikubikkulidde." (Mwekkaanye!) "Tekyakuyigirizibwa mu nnyukuta, tekyakuyigirizibwa kuyita mu ttendekero; tewakiyiga kuva mu ttendekero lya bya ddiini, era tekyakugambibwa muntu yenna. Omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu y'akikubikkulidde. Era ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza." Kiikyo. Eyo y'Ekkanisa ya Katonda omulamu. Ky'ekyo. Ku kkanisa eyo . . . Ku *kubikkulirwa* okwo, Ekkanisa eno kwe yazimbibwa. Kubikkulirwa okw'Obwakatonda Katonda kw'aba akubikkulidde, nti Yesu Kristo Mwana wa Katonda, era omukkiriza nga Omulokozi wo, n'osomoka n'ova mu kufa n'oyingira mu Bulamu.

655 Era nga Omwoyo Omutukuvu waali atambula era akolera mu bammemba abali mu Mubiri guno. Eyo y'Ekkanisa! Si nsonga bayinza okuba abaavu, nga bakuŋŋaanira na mu kifo omusuzibwa abatalina we basula, oba nga bafuna we bayimirira wansi w'omuti gwa payini, oba wonna we bakuŋŋaanira, oba mu nnyumba y'omuntu omu mu lukuŋŋaana olutali lwa lukale, ka wabeere wa wonna. Obulungi n'ebintu eby'engeri eyo si bye bisikiriza Katonda. Wabula bwesimbu bwa mutima obujja olw'okubikkulirwa nti Yesu Kristo ayanjuddwa nga Omwana wa Katonda, Omulokozi waffe. Amiina!

656 Bannange, tu . . . bino ebirala temujja kufuna kwanukulwa kwabyo, bwe tunaagenda nga tubikwatako mu ngeri eyo, si bwe kiri?

657 Kati beebo aba . . . aboogerwako be Yagenda; bamalayika: ababaka, ababuulizi bali, aboogi b'obwongo, ababaka bali abaagaana okukkiriza Nuuwa bwe yagenda n'ababuulira n'abagamba nti, "Bannange, mujje muyingire mu kyombo kino."

658 Ne bagamba nti, "Wulira omutukuvu ono eyeevulunga. Wulira omuzoole oyo. Bannange, teriiyo nkuba. Ani yali awulidde ku kintu ng'ekyo? Ye, abaffe, tetulina makanisa? Tetusinza?" Eky'amazima, baali basinza!

659 Yesu yagamba nti waali wa kubaawo omulembe ogwo ogwaliwo mu kiseera ekyo, omulembe ogwo guliddamu ne gubaawo Okujja Kwe bwe kuliba kunaatera okutuuka, "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu. Kubanga baali balya, nga banywa, nga bawasa, nga bafumbizibwa." Baalinayo eyo awantu awamu, ebifo nga Reno, Nevada mu kiseera ekyo. Baalina ebintu ebitaliimu nsa ebya buli ngeri nga bye balina leero; okwekunga awamu, okubinuka amasejjere, n'okukyakala, abasekerezi n'ebirala byonna; nga beefaanaanyiriza okuba abatya Katonda, naye nga Amazima gennyini bagasambajja: endagaano, Obubaka obw'ekisa. Katonda ng'akola ekkubo erirye Ye, era nga awa abantu endagaano Ye—Ye, ey'engeri gye baalina okusimattukamu; Bwalimu obulokozi, obulokozi kye kyali ekifo eky'obuddukiro.

660 "Obulokozi twetaaga bwaki?" Abantu leero bakubuuza nti, "Tetulina gavumenti ennungi etambulira ku nkola eya demokulasiya? Kati kiki kye twetaaga?"

661 Sifaayo oba gavumenti etufuga etambulira ku nkola eya demokulasiya okwenkana wa, twetaaga Omusaaayi gwa Yesu Kristo. Mazima! Twetaaga Kristo. Weewaawo gavumenti etambulira ku nkola eya demokulasiya ngisiima; naye ekyo tekirina kakwate konna na kulokolebwa kwa mmeeme. Mazima ddala bwe kiri! Ezo gavumenti zonna zijja kuggwaawo, na buli ggwanga lijja kuggwaawo. Nnali nnyimiriddeko . . . mu bifo bafalaawo we baayimiriranga, naye leero kikwetaagisa okusima ffuuti amakumi abiri okukka wansi okusobola okuzuula entebe zaabwe kwe baatuulanga okufuga. Bafalaawo bonna n'obwakabaka bwe bwonna obw'ensi eno, n'ebintu byayo byonna ebigyeyinuza byonna bijja kulemererwa era biggweewo, naye Yakuwa alifuga emirembe n'emirembe, kubanga ye Katonda atafa. Awatali kusagaasagana kwonna ku Lwazi Yesu Kristo kwe tuyimiridde, kubanga awalala wonna musenyu ogukka.

662 Sifaayo oba kiki . . . obwakabaka bujja kugolokoka bumale bugwe, naye, o, tewali kintu kyonna, sifaaayo ka kibeere kiki kyonna, tewali kiriwo, tewali kirijja, tewali (ka kubeere okulumwa enjala oba akabi oba ekintu kyonna) tebiriyinza kutwawula ku kwagala kwa Katonda okwo okuli mu Kristo. Omuntu bw'azaalibwa Omwoyo wa Katonda, abeera takyali kitonde kya mu biseera, wabula aba kitonde kya mu Butaggwaawo. Amiina. Abeera asomose n'ava mu kufa n'adda mu Bulamu. Abeera asomose nga avudde mu . . . Abeera asomose nga avudde mu biseera ebiriko we bitandikira ne we bikoma,

n'ayingira mu Butaggwaawo. Tayinza kuzikirira! Era Katonda yalayira nti Alimuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma.

663 N'olwekyo muli ba ddembe okubeera n'amakanisa gaamwe gonna amanene, n'ebinyumu byammwe byonna, ne byonna bye mwagala okuba nabyo, ne musaaga nga bwe mwagala ne mubeera n'emizannyo gyammwe egya Zzaala, ne mukola obubagabaga obwa buli ngeri na buli kimu kyonna kye mwagala okukola; ne mwefunirayo omubuulizi eyasoma n'ayimirira mu maaso gammwe. Ob'olyawo omulimu ogwo y'asobola okugukola obulungi okusinga ku buvubuka buno obw'enkola enkadde obutamanyi na nnyukuta zisookerwako eza ABC. Naye mbabuulira amazima, waakiri mbeera n'akavubuka akatamanyi nnyukuta zisookerwako eza ABC okuba nga ke kambuulira enjiri (nga kamanyi Kristo) okusinga okubeera n'abaakenkuka mu by'eddiini ab'ekitalo bonna n'obuyigirize bwonna bwe muyinza okulowoozaako. Mazima ddala!

664 Emmanga wano mu Kentucky, ebbanga ttono nnyo gye buvddeko, waaliwo akavubuka akaali katayinza na kusoma linnya lyako, akaagamba nti Mukama akayise okubuulira akaali kaagala ekizimbe ky'essomero aw'okukuŋŋaanira. Naye, abaali bavunaanyizibwa ne bagaana okukikawa. Ne wajja omubuulizi omu ow'erinnya nga alina ekimu ku bitiibwa *ebyo*, nga alina ddiguli y'obwa ddokita mu by'eddiini, ate, ye ekizimbe ky'essomero ne bakkiriza ne bakimuwa. Ddala. N'abeera n'enkuŋŋaana okumala wiiki bbiri, naye n'atafunayo yadde emmeemu emu bw'eti. Kitaawe w'omuvubuka n'addayo, n'abagamba nti, "Kati nga oyo bwe mumukkirizza okukikozesa, nange nsasula omusolo, ne mutabani wange alina eddembe okukikozesa. N'olwekyo ne mutabani wange naye mukimuwe."

665 N'addayo alabe kye basazeewo, n'ababuuza, ne bamugamba nti, "Kale, tujja kumukkiriza akikozese ekinene ennyo ebiro bibiri byokka." Ne bamukkiriza akikozese okumala ebiro bibiri.

666 Akawungeezi ako omuvubuka oyo n'ajja naye nga ne Bayibuli tasobola kugisoma, n'afuna eyamuyamba okumusomera ekyawandiikibwa kye yali agenda okuyigirizaako. Naye bwe yalinnya ku kadaala, yali afukiddwaako amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu. Era bwe yabuulira, abantu nga amakumi abiri ne bajja ku woolutaali; n'omubuulizi oli eyali yeemanyi nga bw'ali omubuulizi ow'erinnya n'akaaba nga bw'ayolekera e Kalivaaliyo, ku woolutaali.

667 Mazima ddala, ow'oluganda, ekikulu—ekikulu si byenkana wa by'omanyi, wabula Oyo gw'omanyi kye kikulu. Eyo y'ensonga enkulu, ekyo kye kireetawo enjawulo, kumanya Kristo. Okumumanya, Bulamu; okumugaana, kufa.

668 Ka twanguweko tukwate ku bibuuzo byaffe ebirala, ebibuuzo kati bye tugenda okukwatako by'ebiva emmanga eri

mu Georgia:

67. Amayinja agali mu . . . gakiikirira ki agali mu Kubikkulirwa 21:19 n'olwa 20?

669 Bwe muba mwagala musobola okukozesaayo akadakiika ne mubikkula Bayibuli zammwe, naye nga tetukyasigazza budde bungi kiri awo, naye ŋŋenda kugezaako okubyanukula mu bwangu. Okubikkulirwa abiri-. . . nzikiriza kiri mu 21:19 n'olwa 20. Bwe kiri.

670 Kale, kati mu kyawandiikibwa ekyo mujja kukizuula nti yali ayogera ku mayinja agaali mu kizimbe. Era nga amayinja gaali misingi. Bwe weetegereza obulungi . . . Nzikiriza okirina awo, Ow'oluganda Neville. Era buli jjinja lyali musingi. Tekyali nti ejjinja limu lyokka lye lyali omusingi, nga amalala . . . Naye buli jjinja lyali musingi. Buli jjinja lyali musingi ogw'olubeerera. Era gaali amayinja kkumi n'abiri. Era bwe weetegereza amayinja ago ekkumi n'abiri, buli limu liwa . . . Okutandikira ku lya yasepi, n'erya sadiyo, n'amalala nga bwe gali, nga gakiikirira buli jjinja.

671 Mu Bayibuli omwo ojja kukizuula nti amayinja ago gaweebwa amannya ag'enjawulo. Agamu ku go nga gaawukanamukko katono, nga n'okugawulira togawulirangako. Naye bw'okebera mu nkuluze ojja kukizuula nti jjinja lye limu, wabula nga liyitibwa erinnya lya njawulo; lye likyuka.

672 Naye gatandika na—na lya yasepi. Yasepi lye lyali ejjinja lya—lya Benyamini, manya, ejjinja lya . . . o, omwana omubereberye, Lawubeni. Ejjinja erisooka lyali lya Lawubeni, nga lye lya yasepi. Ejjinja erisembayo lyali lya Benyameni, ejjinja erisembayo ku ntikko.

673 Kati, amayinja gano ekkumi n'abiri emisingi kwe gyasimbibwa, a—amayinja ago ekkumi n'abiri gaabeeranga ku kyambalo kya Alooni eky'omu kifuba. Era gaali—gaali gooleka, nti ye yali kabona omukulu o—ow'ebika bino. Buli kika kyalina ejjinja eryoleka obuzaaliranwa bwakyo, mu—kyambalo kino. Era abantu bwe baalaba ekyambalo kino, baakitegeera nti Alooni ye yali kabona omukulu ow'ekika ekyo kyonna, bwe baalaba ejjinja eryoleka obuzaaliranwa bwabwe mu kyambalo kino.

674 Kaakati, ku makya ga leero bwe twabadde mu bubaka bw'Ow'oluganda Neville. Era emirundi mingi baaleetanga Ulimu Sumimu. Mugiraba nga eyogerwako mu Bayibuli nga engeri gye baakakasangamu oba nga obubaka bwabwe bwa Mazima oba nedda. Amayinja ago, bwe baayogeranga omusajja kye yabanga ayogedde, nnabbi kye yabanga alagudde, amayinja ago gonna wamu gaavangamu ekitangaala. Gaavangamu ekitangaala ekya langi ez'enjawulo amayinja ago erya safiro, ne yasepi, ne kabunkulo, n'amayinja amalala ago gonna bwe gaamyansanga ne gavaamu ekitangaala, kyakolanga langi

ya musoke ennene emu erabika obulungi eyagattanga ekintu kyonna awamu.

675 Kati, kati, olwa leero, Ulimu Sumimu eyo bwe yaggyibwawo wamu n'obwakabona obwo, kati Bayibuli eno ye Ulimu Sumimu ya Katonda leero. Era omubuulizi bw'abuulira, tekateekwa kuba kafo kamu kokka bwe kati, kubeera nti ku ako kokka essuubi lye kw'alyesigamizza; wabula eteekwa kuba Bayibuli yonna mu bulamba bwayo nga eyogera ku bubaka bw'omusajja oyo bw'aba abuulira. Ekyo ky'ekikola amakulu. Ssi kufunayo katundu kamu bwe kati, n'ogamba nti, "Kale, Bayibuli eyogera *bw'eti*." O, weewaawo, eyogera ebintu bingi nnyo. Naye byonna byonna oteekwa okubigatta awamu ne bikwatagana. Era Omwoyo wa Katonda bw'ajja n'ayingira mu—mu Kigambo, Akigatta wamu kyonna kyonna n'akikwataganya ne kivaamu Ekitangaala kimu eky'amaanyi, era Ekitangaala ekyo ye Yesu Kristo. Amiina.

676 Kati, amayinja gano ekkumi n'abiri gyali emisingi kkumi n'ebiri egyatandikira ku Lawubeni, ne Gaadi, ne gyeyongerayo okutuukira ddala ku Benyameni; ebika kkumi na bibiri, amayinja kkumi n'abiri. Bwe gatyo n'amayinja gali ag'omu Yeekaalu, mu Yerusaalemi ekiggya eky'omu Ggulu, buli musingi gulisimbibwa ku omu ku bakadde.

677 Kati mwekkaanye, mwetegereze amayinja, kati abakadde abo mujja kubalaba nga balabisibwa ate mu kintu ekirala, mu kibuuzo ekirala.

68. Nnyonnyola—nnyonnyola eky'okuna . . . ebiramu ebina eby'omu Kubikkulirwa 5.

678 Ow'oluganda Neville, ekyawandiikibwa ekyo bw'oba osobola okukibikkula mu bwangu, oba omu ku mmwe, ekya Kubikkulirwa 5, tukisome mu kaseera katono ddala. Ki—kifaananyi kirungi nnyo ekiggyayo . . . Kiikino, nange nkifunye, Okubikkulirwa essuula ey'oku 5:

> *Ne ndaba mu mukono ogwa ddyo ogw'oyo eyali* atudde ku—ku *ntebe ekitabo ekiwandiikiddwa munda ne* wabweru *ne—ne—ne ku ngulu, ekisibiddwa ennyo obubonero omusanvu.*
>
> *Ne . . .*

679 Kati, awo si we njagala okusoma. Njagala kweyongerayokko mu maaso, ku biramu ebina. Leka tulabe, olunyiriri olw'e 14. Kale, ssebo. Kati we wano, wennyini. Kati leka tutandikire waggulu wano ku—ku lunyiriri olw'e 12, nedda, ndowooza lulina kuba lwa . . . "N'ebiramu ebina ne byogera nti, 'Amiina.'" Nedda, waliwo akatundu akali awo nga olwo tonnalutuukako, Ow'oluganda Neville. "Laba, ne mpulira eddoboozi . . . "

680 Leka tulabe wano, katono, mbadde nnaakalusoma. O, luuluno, leka tutandikire ku lunyiriri olw'omu 6. Olunyiriri olw'oku 5:

Omu ku bakadde n'aŋŋamba nti, Tokaaba: laba, Empologoma ow'omu kika kya Yuda, ekikolo kya Dawudi, yawangula okwanjuluza ekitabo, n'okubembula o . . . obubonero bwakyo.

Ne ndaba, era, . . . wakati w'entebe ne . . . ebiramu ebina, ne, wakati w'abakadde, Omwana gw'endiga ng'ayimiridde, ng'afaanana nga eyattibwa, ng'alina emitwe *musanvu n'amaaso musanvu, gye Myoyo omusanvu . . . egitumibwa* okuva . . . egitumibwa mu *nsi zonna.*

681 Ekibuuzo ekyo njagala mukitereke, era bwe sikyogerako mu kaseera katono wano eno mu bye ŋŋenda okwogerako, njagala mukikomyewo, njagala njogere ku katundu ako ak'e, "Emyoyo omusanvu egy'amaaso omusanvu agaali ku Mwana gw'endiga." O, ekyo kintu kirungi nnyo ddala. (Naye, kati twagala tukwate ku kibuuzo ky'ow'oluganda ono mu kaseera kano.) Kale, naye kati ekyo temukyerabira.

N'ajja n'atoola ekitabo okuva mu mukono ogwa ddyo ogw'oyo eyali atudde ku ntebe.

Bwe yakitoola, *ebiramu ebina n'abakadde amakumi abiri mu bana ne bavunnama mu maaso g'omwana gw'endiga, . . . buli omu ku bo nga alina ennanga, . . .*

682 Kati, ebyo bye—by'ebiramu ebina—ebiramu ebina wano eno, bw'oba weetegerezza. Kati leka tweyongereyokko mu maaso katono tusome:

. . . ennanga eza zaabu, . . . *ebijjudde* ebibya *n'obubaane, . . . kwe kusaba kw'abatukuvu.*

Ne bayimba *oluyimba oluggya, . . . Osaanidde . . .* (ne bagenda mu maaso ne bawaayo . . . okusinza kwabwe kwonna eri Mukama)

683 Kati, ebiramu bino ebina ebiri mu Kubikkulirwa, bw'obyetegereza obulungi, buli kifo . . . (Mmwe abasomi ba Bayibuli, n'omuntu anaawuliriza olutambi luno). Ebiramu ebyo ebina, byalina obwenyi bwa ngeri nnya: ekimu kyalina obwenyi nga bufaanana nga obw'omuntu, ekirala nga kirina obwenyi nga bufaanana nga obw'ente ennume, n'ekirala nga obwenyi bwakyo bulinga obw'empungu, ate ekirala nga obwenyi bwakyo bulinga obw'empologoma. Era tebyaddanga kyennyumannyuma, byali tebisobola kudda kyennyumannyuma.

684 Bameka abajjukira ekitabo eky'edda eky'Okubikkulirwa bwe baakiyigirizaako emyaka nga giigyo egiyise, bwe nnamala emyaka nga ebiri wano nga njigiriza ku Kitabo ky'Okubikkulirwa? Abasinga ku abo be twali nabo ab'edda bakijjukira.

685 Mulabeeyo, byali tebisobola kudda kyennyumannyuma, kubanga buli gye byagendanga yonna byatambulanga bigenda

mu maaso. Bwe byagendanga erudda *eno*, byagendanga nga muntu; bwe byagendanga erudda *eno*, nga bigenda nga mpologoma; ate bwe byaddanga erudda *eno*, nga bigenda nga mpungu; ne bwe byaddanga erudda *eno*, nga bigenda nga nte ennume. Mukiraba, byali tebisobola kudda kyennyumannyuma, byatambulanga bigenda bugenzi mu maaso.

686 Kati ebiramu ebyo ebina. Kati kino okusobola okukyogerako mu bwangu, kubanga ssaagala kukirwako nnyo. Naye ebiramu ebina . . . *Ensolo*, mu Bayibuli, eyoleka "buyinza." Era bwe weetegereza ebiramu bino tebyali eri mu nnyanja oba awantu awamu mu liyanja kirimulaala nti gye byava, wabula byali awo ku Ntebe ya Katonda, era byali bisinza Katonda. Ebiramu ebyo ebina bitegeeza maanyi ag'emirundi ena agaava mu nsi, era amaanyi ago ag'emirundi ena z'Enjiri ennya: Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana; nga tekuli n'emu ekontana na ginnaayo.

687 Era ekimu ku byo, e . . . Enjiri bw'ebuulirwa mu kikula eky'empologoma, ebeera teyekkiriranya, ebeera n'obuvumu; Enjiri erina obuvumu nga empologoma, era enjiri kabaka okufaananamu n'empologoma. Bw'ebuulirwa mu kikula eky'obwenyi bw'omuntu, ebeera nkalabakalaba era ya magezi okufaananamu n'omuntu. Bw'ebuulirwa mu kikula eky'obwenyi bw'empungu, ebeera n'ebiwaawaatiro ebyangu wamu n'okutumbiira mu bwengula. E . . . Mulaba kye ntegeeza? Bw'ebuulirwa mu kikula eky'ente ennume, ebeera ndogoyi enkakaalukanyi esobola okusika ebintu, ebeera nte ennume enkakaalukanyi esika o—o—omugugu gw'Enjiri. Ebiramu ebina ge gaali amaanyi ag'emirundi ena, nga y'enjiri nga bwe yawandiikibwa: Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana; Enjiri ennya ezivugira mu Kubeerawo kwa Katonda. Ebyo bye byali . . .

688 Bwe weetegereza obulungi, byalina amaaso emabega ne mu maaso. Bya—bya . . . Buli gye byagendanga yonna, nga galabayo. Buli gye byagendanga byabanga birabayo. Era ago ge maanyi g'Enjiri nga bw'ebuulirwa, esobola oku . . . Erina amagezi g'omuntu; erina obwangu bw'empungu; erina a—a—a—amaanyi, amaanyi agasika, erina obusobozi obwetikka emigugu okufaananako n'ente ennume; erina o—obutekkiriranya wamu n'obuvumu obw'empologoma. Mukiraba, ebiramu ebyo z'Enjiri ennya, nga ge maanyi ag'emirundi ena ag'Okubikkulirwa, essuula ey'oku 4.

Kale, kati ekibuuzo ekiddako:

69. Abakadde abiri mu abana be baani? Kale, nzikiriza ekyo kibuuza ku—ku . . . **Abakadde amakumi abiri mu abana be baani?**

689 Kati ekyo kyangu nnyo tusobola okukyogerako. Abakadde amakumi abiri mu abana abaali mu maaso g'Entebe. Ekyo kiri mu . . . Nzikiriza kiri mu lunyiriri lwa ku 4, mwe kisangibwa.

"Ne wafuluma ekirala . . . " Ndabika nsoma lwa . . . Leka tulabe, nsoma . . . 4:10.

690 Kale, Okubikkulirwa, essuula ey'oku 4, olunyiriri olw'e 10. We kiri. Leka tukisome.

> N'*abakadde amakumi abiri mu abana* ne bavunnama *mu maaso g'oyo* atudde *ku ntebe, ne* basinza *oyo omulamu emirembe n'emirembe, era balisuula engule zaabwe mu maaso g'entebe nga boogera nti,*
>
> *Osaanidde, Ggwe Mukama waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna, era byabaawo lwa kusiima kwo era byatondebwa.*

691 Kati abakadde amakumi abiri mu abana. Omukadde abeera mulabirizi. Kaakati mwekkaanye, baali abakadde kkumi na babiri n'abatume kkumi na babiri. Era baali batudde, kkumi na babiri ku ludda olumu n'ekkumi n'ababiri ku ludda olulala. Abo be baali abakadde amakumi abiri mu abana, nga be bakadde kkumi na babiri ku ludda olumu, Endagaano Enkadde, n'abatume kkumi n'ababiri ku ludda olulala, olw'Endagaano Empya. Yesu teyagamba nti, "Mulituula ku ntebe kkumi na bbiri, nga mulamula ebika ekkumi n'ebibiri ebya Israeri"?

692 Kati, emisingi. Mulabeeyo, mulimu n'omuti. Era omuti ogwo ku buli luuyi gubala ebibala bya bika kkumi na bibiri eby'enjawulo. Era gissaako ebibala byagyo omulundi gumu buli mwezi, nga egyo gy'emyezi kkumi n'ebiri mu mwaka. Gibala ebibala eby'enjawulo bya bika kkumi na bibiri buli mwaka oguyitawo. *Kkumi na bbiri* gwe muwendo ogwo "ogw'okusinza", mukiraba. Era bali amakumi abiri mu bana, nga beebo abiri mu abana, abatume kkumi na babiri n'abakadde kkumi na babiri. Batudde awo ku Ntebe.

693 Kale, kati olunyiriri olw'oku 4, manyanga, ekibuuzo eky'okuna:

70. Akagoye akamyufu mu Lubereberye 38 kaali kooleka ki?

694 Akagoye akamyufu, bw'oba weetegerezza obulungi, yali Yuda. Era yalina abatabani, omu ku batabani be n'awasa omukazi Omukanani. Naye omukazi ono Omukanani yali tannazaala mwana yenna, mutabani we n'afa. Kati mu biseera ebyo, okusinziira ku mateeka agaaliwo gaali gagamba nti yalina okutwala . . . omutabani eyali adda ku oli yabanga alina okutwala muka muganda we, azzeewo ezzadde ly'omugenzi. Naye omusajja oyo eyalina okukola ekyo yagaana okukola nga bwe yalina okukola, bw'atyo Mukama n'amutta. Kati n'aba nga asigazza omwana ow'obulenzi omu omuto; Yuda kye yava agamba omukazi ono nti, "Beerera awo okutuusa omwana ono lw'alivuga . . . lw'alikula n'obeera nga osobola okumufumbirwa."

695 Era bwe yakula n'atuuka okuba nga asobola okuwasa nnamwandu wa baganda be ababiri, kati, mu kiseera ekyo yali alina okumuwasa, addizeewo baganda be ezzadde abaali. . . abaali baafa. Yuda teyawaayo mwana we eri mukazi (omukazi oli Omukanani), kumuwa mutabani we, yamuleka n'agenda bugenzi. Bw'atyo omukazi n'akiraba nti kye yali akola kyali kikyamu, kye yava afuluma, nga yeebisse olugoye mu maaso, n'atuula mu kifo eky'olukale nga malaaya we yanditudde.

696 Yuda n'akyama nga ayitawo n'ayingira eri omukazi nga mukyala we, kubanga omukazi yali nga malaaya, n'asula naye. N'amubuuza, omukazi n'amubuuza nti, "Naye kati, onampa ki bw'onooyingira gyendi?" Ye kwe. . . omukazi n'agamba nti. . .

697 Yamugamba nti, "Nnaakuwa o—omwana gw'embuzi." N'agamba nti, "Kale nno, mpa obukakafu obulaga nti onaakikola." Bw'atyo omukazi n'atwala omuggo gwe n'akabonero ke n'ebirala, n'abisigaza.

698 Naye bwe baaleeta omwana gw'embuzi, malaaya tebaamusangawo, kubanga teyali malaaya.

699 Bwe waayitawo akaseera, kigenda okuzuuka nga omukazi ali lubuto. Era bwe baakizuula nti ali lubuto, ne bagenda ne bagamba Yuda nti, "Muka mwana wo yayenda." Ne bagamba nti, "Kubanga ali lubuto, ate nga batabani bo bombi baafa."

700 N'agamba nti, "Kale bwe kiba bwe kityo, ajja kuyitibwayo, ayokebwe."

701 Omukazi kye yava aweereza obubaka eri Yuda nga agamba nti, "Omusajja eyakola kino, ye nnannyini muggo guno n'akabonero kano." Kati, oyo yali ssezaala we.

702 Yuda kye yava agamba nti, "Omukazi ansinze okuba omutuukirivu."

703 Kaakati, omukazi bwe yakitegeera nti abaana be batuuse okuzaalibwa, baali balongo. Ate nga abalongo bwe. . . Omwana eyasookanga okuzaalibwa, okusinziira ku nkola y'Ekiyudaaya ey'edda, omwana eyasookanga ye yabanga omusika, omwana eyasookanga okuvaayo. Era kati, mujjukire nti oyo ye yali omwana we omubereberye. Ku balenzi bali abalala tekwali n'omu yamuzaalamu mwana. Yali tazaalangako mwana yenna okutuuka mu kiseera kino.

704 Kale omwana we omubereberye bwe yavaayo, yafulumyako ngalo zokka. Omuzaalisa kye yava amusibako akagoye akamyufu, kubanga akagoye akamyufu kaali kooleka bununuzi nga kalaga nti omwana wa Malyamu embeerera aliba. . . aliba n'akagoye akamyufu ak'obununuzi.

705 Kati omwana oyo bwe yazzaayo engalo ze munda, ate oli omulala n'amusooka okufuluma. Era bwe yafuluma, omuzaalisa n'amubuuza nti, "Kiki ekikuwaguza wekka? Oli y'alina obusika."

706 N'olwekyo ago ge makulu ga Olubereberye 38, mukiraba, nti eky'omwana omubereberye kyasigala kikyagobererwa okutuusa ku kujja kwa Mukama waffe Yesu Kristo, nti omubereberye yabeeranga wansi wa tteeka ery'obununuzi.

707 Mumanyi bwe nnayogera . . . ku nnyumbu ento, nga bwe mumanyi, nnagyogerako ne ŋŋamba nti, amaaso gaayo gaali . . . ne bwe yabanga efaanana etya, nga amatu gaayo gaagwa, naye, bwe yazaalibwanga nga y'erina obusika, omwana gw'endiga ogutaalina musango, ogutaliiko bulemu bwonna, gwafanga mu kifo kyayo. Kiikyo n'era.

708 N'olwekyo akagoye ako kaasibwako lwa nsonga ya busika. Omwana eyasooka okuvaayo mu nda ya nnyina, ne balaba engalo ezo (naye ne bakimanya nti ayinza okuzizzaayo munda). Era bwe yafulumya engalo ze wabweru okulaga nti y'alina obusika, y'asoose okufuluma, omuzaalisa n'azikwata n'azisibako akagoye akamyufu omwana engalo n'azisika n'azizzaayo munda. Mukiraba? Naye, awatali kubuusabuusa kwonna, ye yasooka. Ago ge gaali amakulu g'akagoye ako akamyufu, akagoye akamyufu kalina . . . mu Bayibuli yonna, kategeeza bununuzi; ekyali kisonga ku mwana omubereberye eyali ow'okujja.

709 Embalaasi eyasookanga okuzaalibwa, ente eyasookanga okuzaalibwa, buli kimu kyonna, buli kintu kyonna ekyasookanga okuzaalibwa (ekyafulumangayo) kyabeeranga wansi wa bununuzi, kyabanga kirina okununulibwa; buli kimu kyabanga kirina okununulibwa! Aleruuya! Oh, ekyo kindeetera okubugujja n'essanyu. Mukitegeera? *Ekibereberye* kyabanga kirina okununulibwa. Lyali tteeka. Erinnya lya Mukama liweebwe omukisa!

710 Era Yesu Kristo bwe yazaalibwa, Yanunula ensi yonna. Ddala, Yakikola. Ye yali Omununuzi wa buli kitonde kyonna ekyali kitondeddwa ku nsi. Ye yali Omununuzi. Era ku . . . obununuzi bwonna buli mu Ye, era tewali ngeri ndala yonna gy'oyinza kujjamu nga oyita mu kukola ebikolwa ebirungi, nga weegatta ku kkanisa, oba ekirala kyonna ky'oyinza okukola; oteekwa kuyita mu kagoye ako akamyufu, mu Mununuzi oyo, Omununuzi oyo ow'olulyo lwaffe.

Kale, kaakati ekibuuzo ekiddako kigamba:

71. Ebirabo biri ludda wa . . . Birabo ki ebyogerwako ebiriweerezebwa oluvannyuma lw'okufa kw'abajulizi ababiri ab'omu Kubikkulirwa 11?

O, Ow'oluganda Palmer, bw'oba tosobola kubaako bibuuzo by'obuuza!

711 Kati, obununuzi, obugoye buno obumyufu, akagoye kano akamyufu, tukirabye nti kaali kategeeza bununuzi.

712 Kati ekibuuzo ekiddako kigamba nti:

Birabo ki ebyo ebyogerwako mu Kubikkulirwa 11?

713 Walibaawo ekiseera . . . Kati kino kigenda kubaako ekibuuzo kye kyanukula ekyayanukulwa ekiro kya luli, mukwano gwange omu omubuulizi kye yabuuza ekyali kikwata ku Bayudaaya, ku kiki ekiribaawo.

714 Kati Abayudaaya bano baasubizibwa emyaka esatu n'ekitundu. Ekyo bameka abakimanyi? Wiiki nsanvu zaasubizibwa. Yagamba nti, "Masiya alijja naye alisalibwako mu makkati g'ekiseera ekyo." Kristo yabuulira okumala emyaka esatu n'ekitundu, yattibwa yaakamala emyaka esatu n'ekitundu gyennyini nga abuulira, yamala emyaka esatu n'emyezi mukaaga nga Abuulira.

715 N'ekirala eky'omuzizo ekizikiriza, o—omusiraamu gw'e Omali gwazimbibwa ku Ttaka Ettukuvu; nga Katonda bwe yayogera, emyaka enkumi bbiri mu bitaano nga tekinnabaawo, nti kiriba kiyimiridde mu kifo ekyo. Nnabbi yakirengera, n'akiraba, n'agamba nti balikyezza, Ab'amawanga, ekifo ekyo balikyezza okutuusa ekiseera ky'Abamawanga lwe kiriggwaako.

716 Kati waliyo emyaka emirala esatu n'ekitundu egyabasuubizibwa. Bwe weetegereza, abajulizi bano aboogerwako mu Kubikkulirwa 11 baawa obunnabbi okumala ennaku lukumi, mu bibiri mu nkaaga; gy'emyaka esatu n'ekitundu gyennyini. Kati . . . era baali bambadde ebibukutu. Kaakati, mwetegereze obuweereza bwabwe, kye baali. Kaakati, abajulizi bano ababiri battibwa.

717 Kati, e . . . Baakomawo eri Abayudaaya oluvannyuma lw'Okukwakkulibwa kw'Ekkanisa y'Abamawanga. Ekkanisa y'Abamawanga egenda Eka ku Kijjulo ky'Embaga ey'obugole, era nga Lebbeeka bwe yatwalibwa ewa Ibulayimu n'agenda ne Isaaka n'amuwasa. Era Lebbeeka ne Isaaka ne bavaayo nga balina obwannanyini obujjuvu ku bintu byonna Ibulayimu bye yalina, byonna Isaaka n'agenda nabyo. Mazima ddala gennyini! Ate byali tebisobola kujja eri Isaaka okutuusa nga Isaaka awasizza. O aleruuya! Kiikyo.

718 Era Kristo afuuka . . . Katonda atuulira ddala mu mubiri ogwo ogutuukiridde, ogwabetentebwa n'abeera omwo emirembe gyonna okuyita mu Butaggwaawo. Omwana gw'endiga n'Omugole bwe bafumbiriganwa mu Ggulu, Omugole afuluma nga alina obwannannyini obujjuvu. Mazima ddala! Isaaka ne Lebbeeka baavaayo nga be balina obwa nnnannyini obujjuvu.

719 Kati nga omukolo guno bwe gugenda mu maaso mu Ggulu, ogw'Omugole, Omugole okuva mu B'amawanga nga agattibwa mu bufumbo n'Omulangira (Omwana wa Katonda), mu Kitiibwa; nga bwe bagattibwa, waliwo emyaka esatu n'ekitundu egibaawo nga . . . Musa ne Eriya . . .

720 Nga ku abo, Musa teyabulawo bubuzi . . . nedda, omubiri gwe gwaggyibwawo. Bamalayika baamutwala, omubiri gwe tegwavunda, teyavunda. Yali kifaannanyi kyennyini ekyoleka

Kristo. Yafa naye Bamalayika ne bamuggyawo ne bamutwala, k'abeere ssetaani tamanyi gye yaziikibwa, era yagezaako okukaayana ne Mikayiri Malayika omukulu ku bikwata ku kuziikibwa kwe. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Katonda yamutwala waggulu mu Kukwakkulibwa.

721 Ate Eriya, ye bwe yali atambula, nnabbi wa Katonda, yaserengeta n'agenda ku Yoludaani, n'aggyamu omunagiro gwe n'agukuba ku mazzi, ne geeyawulamu eruuyi n'eruuyi. N'ayambuka waggulu ku lusozi. Erisa n'agamba nti . . . Eriya yamubuuza nti, "Lwaki ongoberera?"

722 N'amugamba nti, "Njagala omugabo ogw'emirundi ebiri ogw'Omwoyo gwo."

723 N'amugamba nti, "Ky'osabye kizibu, naye bw'onandaba nga ŋŋenda." N'amukuumirako amaaso.

724 Bwe waayitawo akaseera, ne wajja eggaali ery'omuliro okuva mu Ggulu ne Bamalayika ab'omuliro, embalaasi ez'omuliro, Eriya n'agirinnya n'agenda mu Kitiibwa. Teyalega ku kufa, yawaanyisibwa buwaanyisibwa, alina okufa!

725 Era bwe weetegereza obulungi bannabbi bano ababiri ab'omu Kubikkulirwa 11, baakola ekintu ky'ekimu kyennyini Musa ne Eriya kye baakola. Oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham oyagala kuŋŋamba nti Musa ne Eriya bakyali balamu?" Mazima ddala!

726 Kubanga, nga tebannayambuka ku Lusozi olw'Okufuusibwa . . . Ku Lusozi olw'Okufuusibwa, Yesu bwe yali tannagenda Kalivaaliyo, bombiriri Musa ne Eriya baayimirira awo ne boogera Naye. Mazima ddala, baakikola, si bafu. Era baali tebafanga; bakyalina emibiri egifa, era balina okufa. N'olwekyo bakyali bubeezi mu mbeera egulumiziddwa nga balinze kiseera ekyo.

727 Era kati bwe bakomawo ne babuulira okumala emyaka esatu n'ekitundu gyennyini wansi w'amafuta g'Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga emikisa Ab'amawanga gibaggyiddwaako (nga Ekkanisa etwaliddwa waggulu); nga ab'ekkanisa empolu, ey'emikolo obukolo bayiggibwa nga embwa, nga bayiggibwa ba nnaakalyak'ani n'Abaruumi, nga bayiggibwa era nga battibwa. Kati—kati awo mu kiseera ekyo we battibwa; bannabbi bano babuulira okumala emyaka esatu n'ekitundu, era Bayibuli egamba nti battibwa mu . . . mu luguudo, oluyitibwa mu mwoyo, Sodoma ne Misiri, Mukama waffe gye yakomererwa. Eyo y'eri mu Yerusaalemi; mukiraba, eri mu Yerusaalemi, bwe kityo bwe kiyitibwa mu mwoyo.

728 Era emirambo gyabwe gyamala ennaku ssatu n'ebiro bisatu mu luguudo. Naye ku nkomerero y'ennaku essatu n'ekitundu, omwoyo gw'obulamu ne gubayingiramu ne bazuukira. Baalina okufa nga abantu abalala abalina emibiri egifa bwe bafa,

baalina okukikola. Era bwe baamala okutta ababuulizi bano ababiri. . .

729 Baabuulira ne bavumirira ebikyamu ebikolebwa, ne bassa wansi omuliro okuva mu ggulu. Ekyo ani yakikola? Mukiraba? Baaleeta ebibonyoobonyo okuva mu Ggulu, ne bikuba ensi mu bwangu nga. . .ate nga bakikolera mu kiseera kyonna we baabanga baagalidde. Ne batonnyesa omuliro okuva mu ggulu. Ne basiba eggulu obutatonnyesa nkuba, okumala ebbanga lyonna lye baayagala. Baali b'ani abo? Beebo bennyini Musa ne Eriya. Era be bajulirwa abo ababiri.

730 Era bwe baabonyaabonya ekkanisa, manyanga ensi, olw'okubuulira kwabwe, n'okusembeza Abayudaaya, n'okubakomyawo eri okwenenya, baddemu okukkiriza. . .Bwe baliraba Yesu nga azze okunona Omugole, baligamba nti, "Laba, ono ye Katonda waffe gwe tubaddenga tulindirira. Ye Ye!" Naye Aliba t'azze kunona bo; Aliba azze kunona Mugole We. Era Omugole We. . .

731 Yusufu we yagendera e Misiri, baganda be teyagenda nabo, naye omugole we ye yamusangayo. Mazima ddala bwe kyali! Naye ate mu kaseera we yeeyolekera eri baganda be, tewaaliwo muntu yenna. Ekyo ddala bwe kyali. Kale naye bw'Aliba Yeeyoleka eri Abayudaaya bano, tewalibaawo muntu mulala yenna okuggyako Abayudaaya. Ku mulundi guli bali abatta Yusufu, baali bayimiridde awo; n'agamba nti, "Kati, ye nze Yusufu muganda wammwe." N'akaaba.

732 Ne bagamba nti, "Kati nno butukeeredde, kubanga ffe twamutta."

733 Ekintu ky'ekimu, Abayudaaya abo kye baliyitamu mu kaseera ako akazibu ennyo ennyo nga ekiseera kino ekinaatera okubaawo essaawa yonna tekinnabaawo, eky'okuyigganyizibwa okubazzaayo mu nsi yaabwe. Nga kibasindiikiriza nga endiga okuddayo ku Lusozi Kalumeeri.

734 Mukama waffe Yesu bw'alijja okunona Omugole We, ne bamulaba, baligamba nti, "Ye Oyo gwe tubaddenga tulindirira, wuuyo Azze!" Alivaayo nga alina okuwonya mu biwaawaatiro Bye. Ddala bwe kiri.

735 Era ekkanisa, n'abo abaliba basigaddewo ku Bayudaaya, ku nkomerero ya byonna bwe baliba bamaze okutta bannabbi bano ababiri, emirambo gyabwe ne gigalamira mu luguudo oluyitibwa Sodoma ne Misiri mu mwoyo, Mukama waffe gye yakomererwa, baliweerezagana ebirabo (bw'etyo ensi bw'erikola).

736 Kaakati, Ow'oluganda Palmer, okwanukulwa kwo kuukuno. Noonyereza mu byafaayo bya Rooma ojja kukizuula nti waliwo eggwanga limu lyokka mu nsi yonna eryali liweerezza ebirabo nga olutalo luwedde, era nga obwo bwe Bwakabaka bwa Rooma.

737 Y'ensonga lwaki ŋŋamba nti omulabe wa Kristo ava mu Rooma. Ensolo eva mu Rooma, tesobola kuva Moscow. Eva Rooma, ogusota ogumyufu ogwali guyimiridde awaali omukazi okulya Omwana we amangu ddala nga Yaakazaalibwa. Ssetaani oyo, ssetaani oyo yali ludda wa? Yali ani? Kayisaali Agusito eyawa ekiragiro batte abaana bonna okuva ku myaka ebiri okudda wansi. Ogusota ogumyufu, ogusota, *ensolo* kitegeeza "buyinza." Obuyinza bwa Rooma bwayigganya era ne bugezaako okunoonya Omwana oyo Kristo.

738 Era ekintu kye kimu ekyo! Buli mulundi Abaruumi, Abaruumi abakaafiiri ab'edda lwe baafunanga obuwanguzi obw'ekitalo, baaweerezagananga amayinja ameeru n'ebintu ebirala, nga ebirabo bwe batyo, nga ebijjukizo. N'olwekyo amayinja ago aga . . . Kye gategeeza kye kino, gaali bulabo obwaweerezebwanga mu ekereziya ya Rooma. Ky'ekyo ddala! Bwe kiri. Kiteekwa buteekwa okuba nti bwe kiri.

739 Nnayimirirako ddala mu Kibuga ekyo eky'e Vatican ne nkikakasiza ddala nga Bayibuli bw'egamba. Nga paapa ayambadde engule ey'emiteeko esatu, *Vicarivs Filii Dei,* ebintu ebyo byonna bye nnali nnawulirako n'ebirala, ddala mazima gennyini; nga bwe kiri ekibiina ky'eddiini ekifuga buli ggwanga lyonna wansi w'Eggulu, era ddala bwe kiri. Kiikyo, bwe kiri.

740 Sirina nsonga yonna ku Bakatulilki (nedda, ssebo), balungi nga abantu abalala bonna, naye eddiini yaabwe nkyamu okusinziira ku Bayibuli eno. Bayibuli eno bw'eba nga ntuufu, bo bakyamu. Bagamba mbu teba . . . "Bayibuli ky'egamba si kikulu, wabula ekereziya ky'egamba kye kikulu." Ate ffe tukkiriza nti Bayibuli eyogeza buyinza obw'enkomeredde! Mazima ddala, kye Kigambo kya Katonda.

741 Kale kati mukiraba awo nti, amayinja gano agaaweerezebwanga, agoogerwako wano mu Kubikkulirwa, ge—ge mayinja ge baaweerezegananga nga ebirabo. Ekikasa nti . . . Bayibuli egamba, wano eno mu Kubikkulirwa, egamba nti, "Leka oyo alina amagezi abalirire omuwendo gw'ensolo. Leka oyo alina amagezi akole *bw'ati-ne-bw'ati.* Leka oyo alina omwoyo w'ebirabo gundi akole *bw'ati-ne-bw'ati.*" Mulaba ekkanisa bw'ebulwako ennyo?

742 Ku makya ga leero waliwo omuvubuka omu eyambuuzizza ku bikwata ku birabo eby'omwoyo, ne ku kwogera mu nnimi. Omuvubuka omuto, omwesimbu okukamala, nzikiriza ajja kufuuka muweereza olumu ku nnaku zino. Nga ambuuza ku birabo ebyo okubeera mu kkanisa, ne mmugamba nti, "Waliwo bingi nnyo ku birabo ebyo eby'omubiri. Ebyo tetubyagala, naye twagala ekintu kyennyini ekya nnamaddala. Tuyaayaana okukifuna."

743 Tosobola na kutandika kubiyigirizaako mu kkanisa; kubanga ojja kwesanga, nga, omu ayagala kwogera mu nnimi,

ate omulala alina zzabuli, ate otandike kulwanagana nabyo. Naye Katonda bw'abeera nga ekirabo ekyo y'akiwadde omuntu mu nkola ye ensukkulumu, ekirabo ekyo kijja kweyoleka kyokka. Bwe kiri. Mukiraba, ebyo by'ebirabo bya Katonda, ebyo by'Aweereza eri Ekkanisa esobole okuwangula.

744 Naye kati, omulabe wa Kristo ye alina ekintu ekiringa ekiriko ebirungi n'ebibi, ye ky'a—ky'a—ky'alina kikola mu ngeri ya kifuulannenge. Era ekyo obwakabaka bwa Rooma kye bukola abaweerezagana ebirabo, ebirabo eby'ebintu ebya bulijjo. Katonda ye aweereza birabo bya mwoyo eri abawanguzi; obwakabaka bwa Rooma bo baweerezegana birabo eby'ebintu ebya bulijjo.

745 Ffe tukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu Mwoyo, era tumufuna okuyita mu kubatizibwa okuva Waggulu.

746 Ate yo ekereziya Katolika, eyigiriza mbu, "Wukalistiya entukuvu nga gwe mubiri gwa Kristo; nti bw'olya akagaati kano akeekulungirivu akatazimbulukusiddwa, mbu ako *ye* Mwoyo Mutukuvu, Omwoyo Omutukuvu, wukalistiya entukuvu." Mukiraba?

747 Ffe tukkiriza nti mugaati bugaati, tetukkiriza nti gwe mubiri gwa Kristo, (tutegeka okugulya mu ddakiika ntono okuva kati). Ffe tukkiriza nti gukiikirira bukiikirizi omubiri gwa Kristo. Naye ssi . . .

748 Eyo y'enjawulo eriwo wakati w'enjigiriza y'Abakatuliki n'enjigiriza y'Enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki. Mulaba? Ekereziya Katolika egamba nti, "Omubiri gwe . . . Omugaati *gwe* mubiri gwennyini. Ekereziya erina obuyinza okugukyusa okugufuula kino." Wali olabye Omukatuliki bw'aba ayita awali ekereziya, n'akoteka omutwe gwe, n'akuba akabonero k'omusaalaba? Ekyo bakikola eri akatangaala ako akabeera kaaka munda eri mu ekereziya akabeera wansi wa taaberenaakulo eyo. Munda mu taaberenaakulo eyo mubeeramu akatangaala ako, wamu n'akagaati ako ke balya nga basembera. "Era ako gwe mubiri gwa Kristo. Era mbu bw'okalya, obeera olidde mubiri gwa Kristo gwennyini bw'ofuna komunyo yo embereberye n'osembera nga omaze okufuna penetensiya n'ebirala. Obeera olya, mubiri gwa Kristo, gwennyini."

749 Ffe tugamba nti *gukiikirira* bukiikirizi omubiri gwa Kristo, mukiraba, tugamba nti tegulina kya njawulo kyonna kye guli okuggyako okubeera omugaati obugaati. Era ne bwe gutandibadde mugaati, ne bwe kyandibadde ekintu ekirala kyonna, nakyo mu ngeri y'emu era kyandibadde kikiikirira bukiirizi. Kya—kyandibadde kye kimu. Ka kibeere nga . . .

750 Nga abantu bano abagamba mbu, "Nze ssaagala kumbatiriza mu kidiba, njagala kumbatiriza mu mugga."

751 Kikola njawulo ki, kasita obeera nga obatiziddwa? Oba obatiriziddwa mu kidiba, ne . . . Ndaba, ne Firipo yabatirizibwa

mu kidiba . . . omulaawe bwe yabatizibwa. Firipo oluvannyuma lw'okubatiza omulaawe nga amubatiririza mu kidiba, Omwoyo Omutukuvu yamukwakkula ku misinde emiyitirivu okutuusa okuba nti Yaggyawo Firipo, n'atalabibwako muntu yenna mu lugendo lwa mayiro ebikumi bibiri okuva awo. Yamusitula mu Mwoyo, n'amuwa e—eggaali okuva mu Ggulu kwe yatambulira n'agenda olugendo lwa mayiro ebikumi bibiri okuva awo. Amiina. Ekyo nga kiyitirivu obulungi!

Kaakati:

Abatukuvu balibeera wa ekiseera eky'okufuga okw'emyaka olukumi bwe kiriba kiweddeko? Era mubiri kika ki gwe baliba nagwo? Ekyo ŋŋenda kukiddira mu kaseera katono. [Ekibuuzo kino Ow'oluganda Branham akyanukula ku katundu ak'e 820, nga ekibuuzo nnamba 74—Omuk.] Baliba ne Yesu.

752 Kale, e—ekibuuzo eky'omusanvu:

72. Tulisalira tutya bamalayika omusango?

753 Ekyo kisangibwa mu . . . Tulisalira tutya bamalayika omusango? Mu kubeera abaana ba Katonda ab'obuwala n'ab'obulenzi. Bamalayika baweereza; ffe tuli baana ba Katonda ab'obuwala n'ab'obulenzi. Era Bayibuli egamba nti tulisalira bamalayika omusango. Ekyo bwe kiri. Kati, kaakati bwe muba . . .

Ekibuuzo eky'o 8:

73. Lwaki kigamba nviiri olwa bamalayika mu Abakkolinso Ekisooka?

754 Kati wabeewo ambikkulira Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 11, tukirabe nti, mukirabe nti e—e . . . Mu Abakkolinso Ekisooka, e—essuula ey'e 11, tukiraba nti Pawulo ayogera. Leka nkibikkule wano eno mangu nnyo, tukisome mu bwangu oluvannyuma tu—tukinnyonnyole.

755 Nnina kye nnandyagadde okwogera ku lunyiriri luno olulala, kye nsuubira nga Mukama anaatuyamba ne tukitegeera nga bwe tulina okukitegeera. Bwe wabaawo akifunye . . . Ndowooza kiri mu ssuula ya 11, weewaawo, mwekiri. Kati muwulirize bulungi ddala, n'obwegendereza, musobole okukitegeera. Kati njagala ebirowoozo byammwe byonna mubisse ku nsonga eno okutuusa lwe nnaamaliriza okusoma Ekyawandiikibwa kino, mukiraba, n'okukinnyonnyolako. Muwulirize n'obwegendereza, kino kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA:

> *Mungobererenga nze, nga nange . . . bwe ngoberera Kristo*. (Pawulo yagamba nti, "Mungobererenga, nga nange bwe ngoberera Kristo.")
>
> *Kaakati mbatendereza, ab'oluganda kubanga munjijukira mu byonna, era munyweza bye mwaweebwa, nga bwe . . . nnabibawa.*

Naye njagala mmwe okumanya, nga buli mutwe gwa buli musajja ye Kristo; n'omutwe gw'omukazi ye musajja; n'omutwe gwa Kristo ye Katonda.

756 Mulaba bwe kiri? Katonda, Kristo, omusajja, omukazi. Kati:

Buli musajja bw'asaba oba bw'alagula, omutwe gwe nga gubikkiddwaako, aswaza Kristo.

Naye buli mukazi bw'asaba oba bw'alagula, *omutwe gwe nga tegubikkiddwaako*, aswaza *omutwe gwe:* . . .

757 Kati tugenda kukozessaayokko eddakiika nga ziizo, tulage nti enviiri z'omukazi ky'eky'okubikkako kye:

. . . *kubanga bwe* . . . *bumu ddala nga amwereddwa.* (Ekyo kitegeeza nti enviiri ze bw'a—bw'aba wa kuzisala, kye kimu singa azimwerako ddala.)

Kuba oba ng'omukazi tabikkibwako, era asalibwenga enviiri: (okusalibwa kitegeeza okuzimwako) . . . *naye oba nga kya nsonyi omukazi okusalibwanga enviiri oba okumwebwanga, abikkibwengako.*

758 Kati tugenda kutuuka ku kibuuzo ky'obuuzizza. Mukiraba? Kale, kati kikyamu o—omukazi okusalako enviiri ze, okusinziira ku Bayibuli. Kati muwulirize bulungi wano wennyini mulabe oba nga Bayibuli tewa musajja lukusa mu mateeka okugoba mukyala we singa asalako enviiri ze, mulabe oba nga kino kituufu oba nedda.

Singa *omusajja* . . . *Kubanga omusajja tekimugwanira kubikkibwanga ku mutwe* (ekyo, nga kwe kubeera n'enviiri empanvu), *kubanga oyo ky'ekifaananyi n'ekitiibwa kya Katonda: naye omukazi* ali mu *kitiibwa ky'omusajja.* (Ekyo mwali mukirowoozezzaako?)

759 Kaakati njagala nsooke nkome wano, kubanga kino njagala kinnyikire ddala bulungi, mukiraba. Era kati mujjukire, ndabye abakazi abalungi mitwalo na mitwalo (mbamanyi ne mu kaseera kano kennyini, era bangi ku bo weebali batudde wano mu kkanisa) abalina enviiri ennyimpi, nga Bakristaayo. Era kati kino omusango si mmwe be nguvunaana, bwe mutyo bwe mwayigirizibwa. Mukiraba? Bwe kityo bwe kiri. Omubuulizi wammwe kino teyakibabuulira. Naye bwe wabaawo omukazi yenna akuŋŋaanira wano mu kkuŋŋaaniro lino nga ali bw'atyo, oyo ye gumusinga. Mukiraba, kubanga amazima gali nti tukibagamba.

760 Kati, mwekkaanye kino:

. . . *omusajja* . . . *Kubanga* . . . (olunyiriri olw'o 7) . . . *Kubanga omusajja* . . .

761 Kati, ani ayogera wano eno? Kati, lumu waliwo omukazi eyagamba mbu, "Ha, oyo Pawulo yali akyawa abakazi."

762 Naye, kati nga tukyali ku nsonga eyo, leka tubikkuleko mu Abaggalatiya 1:8, tulabe kiki Pawulo ky'ayogera ku nsonga eno, mulaba, mu Abaggalatiya 1:8. Mujja kukizuula nti Pawulo yagamba wano eno mu Abaggalatiya 1:8 nti:

> . . .*naye oba nga ffe, oba malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga enjiri* eyawukana n'eno gye mmuwulidde, *akolimirwenga*.

763 Kati temunenya nze, Ye gwe muba munenya, mukiraba.

> *Kubanga omusajja tekimugwanira kubikkibwanga ku mutwe, kubanga oyo* ali mu *kitiibwa* era mu kifaananyi *kya Katonda: naye omukazi* ali mu *kitiibwa* era mu kifaananyi kya *musajja*.

764 Kaakati mulabeeyo olunyiriri oluddako:

> *Kubanga omusajja teyava mu mukazi; wabula omukazi ye yava mu musajja.*
>
> *Era kubanga omusajja teyatondebwa lwa mukazi; wabula omukazi* ye yatondebwa *olw'omusajja*.

765 Kati, kino nkyogera nga nkitegeeza mu kwagala okwa nnamaddala era mu bulungi, ka nsuubire nti nammwe munaakitegeera mu ngeri y'emu nga bwe nkyogera. Naye Amerika . . . Ku nze nga omuntu atambuddeko mu nsi ez'enjawulo, Amerika y'erina agamu ku mateeka agasingayo okuba aga wansi ennyo, agataliimu nsa eri abakazi baabwe okusinga eggwanga eddala lyonna mu nsi yonna. Ekibuga Paris, mu Bufalansa kyandiba nga ekizimbe ekiwanvu ennyo ekitumbiira waggulu mu bbanga mu ngeri abakazi baabwe gye beeyisaamu bw'obeera ow'okukigeraageranya n'engeri Amerika gy'erekamu abakazi baayo okweyisa. Kiswaza!

766 Mubadde mukimanyi nti katonda wa Amerika ye mukazi? Ekyo nsobola okukibakakasa nga nkozesa Bayibuli eno. Bwe kiri. Mubadde mukimanyi nti kirina kubaawo bwe kityo okusobozesa ekereziya Katolika okuyingizaamu enjigiriza yaayo eya Maliyamu embeerera?

767 Kaakati, omukazi bw'aba teyatondebwa ku lwa musajja, ssi . . . Kati nga bwe kiri nti omusajja si ye yatondebwa ku lw'omukazi, wabula omukazi ye yatonderwa omusajja, ogenda kusinza otya omukazi? Mukiraba? Kati, ekyo kwe kyava, kyatandikira mu kibuga Paris ne kiryoka kijja mu Hollywood. Naye leero ab'omu Paris balina kusooka kujja mu Hollywood okufuna be batwala nga eby'okulabirako byabwe n'okufuna emisono kwe batambulira n'ebiringa ebyo, kuweebuula bakazi baffe Abamerika.

768 Kivudde ku ki? Eggwanga lyaffe liserebye nnyo ne batuuka n'okuba nti abasajja babaggyeeko emirimu, ne bateekawo abakazi mu bifo bino, nga n'abasinga obungi, kyenkana kyenda ku kikumi ku bo, bamalaaya. Bwe bava awo ne boogera

ku basajja nga bwe boonoonese, kituufu boonoonese, naye kivudde ku kuba nti emirimu gyabwe gye balina okukola baagissaamu bakazi be baba bagikola. Baggwereddemu ddala ensa ne batuuka n'okuteekawo abakazi nga abakuuma-ddembe ku makubo. Ekyo kya nsonyi nnyo eri eggwanga lyonna ka libe ggwanga ki! Yee, ssebo. Ogenda kukikolera ki?

769 "Okozeewo ki ku nsonga eyo, Ow'oluganda Branham?" Nnina okukissaamu ekitiibwa, ndi munnansi wa Amerika, nkola ekyo omukulu ali waggulu ky'agamba tukole. Singa . . . Singa a—singa amaka gafiirwa ekitiibwa kyago nga amaka (abaana ne baba nga tebakyassaamu muzadde kitiibwa), amaka ago gasasika ne gaggwaawo. Singa e—ssinga ekkanisa erekera awo okussa ekitiibwa mu musumba waayo, amazima gali nti, eyo ekkanisa ebeera emaze okugwa. N'eggwanga ssinga lirekera awo okussa ekitiibwa mu Kkooti Enkulu n'okusalawo kwayo, eggwanga eryo libeera ligenda kusasika lisigale bulere. Ekyo ddala bwe kiri. Ebintu ebyo tulina okubissaamu ekitiibwa kubanga bali be bakulu abatufuga, mukiraba. Naye si bituufu n'akatono. Mazima ddala!

770 Mubadde mukimanyi nti omusajja mu Bayibuli . . . mu Olubereberye, essuula 1, Katonda bwe yatonda omukazi ne—n'omusajja, n'akola omusajja n'abakazi, nti Katonda yagamba Kaawa nti "Omwami wo anaakufuganga, aberenga omufuzi wo"? Ekyo gezaako okyogere mu Amerika olabe ekinaddirira! Nkukakasa, wano tekiri kityo, wano omukazi y'afuga omusajja; ekyo balina okukikola, ebifo eby'olukale byonna bijjudde . . .

771 Nsobola okubajjirayo abakazi, singa kiba kinneetaagisizza okukikola, okuva mu kasenge kange wali, abayitirivu, abakazi abalongoofu . . . Sigamba nti abakazi bonna tewali mbeera we bakkirizibwa kukola; weesanga omwami we mulwadde oba ensonga bw'etyo, abeera alina okukola. Naye bwe kiba tekibeetaagisa kukola, tebalina kukola. Ekifo kyabwe kiri waka, mu lubiri lwabwe olwo olutono, ekyo kye kifo gye bateekwa okubeera.

772 Naye abakazi baffe Abamerika baweereddwa ebbeetu okugenda okweyiggira eky'okwebeezaawo. Ne mu bisolo byonna ne mu birala, ekintu ekyo bwe kiyinga, kibaawo era ne kimalamu ensa oluse lw'ebitonde ebyo lwonna.

773 Mu Afirika waliyo akanyonyi, kali awo kanyonyi akatonotono.

774 Kati, ebiseera ebisinga, ekikazi kye kibeera kisinga okulabika obubi ku byombi. Ekisajja bulijjo kye kibeera kisinga okulabika obulungi, empeewo ennume, ennangaazi ennume, n'enkusu ensajja, ne—ne sseggwanga y'enkoko, era lubeerera kye kibeera kisinga . . . Kubanga, ekinyonyi ekikazi kinyonyi ekirina okusigala awaka. Kye kituula ku kisu, ne kikuza obwana bwakyo. Kibeera kyefuddefudde okwekweka okuva eri

akakubampanga, omusota, ekibe, n'ebirala, okusobola okukuza obwana bwakyo.

775 Naye mu lulyo lw'ebitonde omuli . . . manya mu bitonde nga—nga—nga omukazi, manyanga ekitonde ekikazi, nga ky'ekisinga okulabika obulungi bw'ogeeraageranya n'ekitonde ekisajja, lubeerera ekitonde ekyo ekikazi tekibaamu nsa yadde n'akamu. Mu Afirika, bw'otwala eky'okulabirako ky'ekinyonyi . . . Waliyo akanyonyi, era ke kokka ke mmanyi ku zi ssemazinga zonna, nga akanyonyi akakazi ke kasinga akanyonyi akasajja okulabika obulungi. Era mu kubeera nti ke kasinga akasajja okulabika obulungi . . . A—akanyonyi ako lubeerera kaba kenzi. Kabuuka ne kagenda kabaako omubeezi gwe kasisinkana, ne kabuuka ne kavaayo ne kagenda kabiikayo amagi oluvannyuma lw'okulinnyirwa akamu ku busajja bwako, amagi ge kabiise ne kagalekera akasajja ke kaba kagatuulako ne kagenda keenoonyezaayo akasajja akalala. Ekyo ddala bwe kiri. Mukiraba? Mulaba kye ntegeeza?

776 Mu, kati mulabeeyo, mu Amerika leero, abakazi baffe kye bakola. Waliwo omuvubuka okuva mu Kentucky eyaŋŋamba, ennaku ntono ezaakayita, nti waaliwo abakazi lunaana abaali bakola mu kkolero erimu wano mu Kentucky. N'agamba nti, "Mpulira nga nsobola n'okulayira nga nkakasa nti ku bakazi abo ebikumi bina ku bo bamalaaya ab'oku nguudo abawedde emirimu, kyokka nga bakazi abafumbo abalina n'abaana." Omusajja omu yagwiikirizaayo mukyala we n'amuwuttula bubi nnyo n'ekibaawo, kaabula katta amutte. Ate omulala n'abaako omusajja gwe yakuba amasasi. Omulala n'abaako gwe yasalaasala ne balwanagana. Ebyo tebisaanye kubaawo. Ekyo si kituufu.

777 Ddira omukazi omuzzeeyo mu ffumbiro gy'alina okuba, awo buli kimu kinadda mu nteeko. Naye bw'omuteeka eyo mu mirimu gy'olukale, aba takyalimu nsa. Mazima- . . . Sigamba nti . . .

778 Abakazi Abamerika bakikinaza ennyindo zaabwe ne bagamba, "Ekyo temuli makulu yadde." N'era mbu, "Kale gandage." Weewaawo, mulina okukikola, kubanga Bayibuli yalagula nti mwali ba kukikola. Mulina okukikola.

779 Nnazzikuno nga . . . Kyakolebwanga, edda ennyo, mu kkanisa y'Abamesodisiti, omukazi bwe yasalangako enviiri ze, yagobebwanga mu kkanisa. Weewaawo, baakikolanga. Mazima, ddala. Ab'enzikiriza y'Abanazaliini, n'aba Pilgrim Holiness, n'Abapentekoote, bonna baakikolanga. Kiki ekyabaawo?

780 Mumanyi lwaki temukyakikola? Kati mu bituuti mulinamu batiitiizi. Ekyo ddala bwe kiri. Batya nti we bajja eky'okulya . . . batya nti bajja kubagoba, babafulumye ekkanisa. Bali tebaalina na buvumu busobola kuyimirira ku lwabwe, baayimiriranga ku

Kigambo kya Katonda oba Kirina gwe kirumya oba Tekirina. Ddala bwe kyali.

781 Muwulire, omusajja y'afuga. Tolowooza mbu ye ggwe anaafuga amaka. Ssi ggwe afuga amaka. Weewaawo oli . . . Kati toli muddu buddu, wabula oli mubeezi. Era Adamu . . . Omusajja y'afuga mukyala we, era y'avunaanyizibwa mu bujjuvu ku mukyala we. Katonda omusajja gw'abuuza ayanukule ku lwa mukyala we. Kati, mukisome mulabe oba nga ekyo Katonda si ky'agamba.

> *Kubanga omusajja ddala tekimugwanira kubikkibwanga ku mutwe, kubanga oyo* ali mu *kifaananyi n'ekitiibwa kya Katonda:* . . .

782 Katonda si mukazi, Katonda Musajja. Omanyi bwe babumba ekibumbe kya Maliyamu embeerera n'ebyo byonna, ne beegayi- . . . manyanga ne bawaayo okwegayirira n'ebirala bwe bityo, nga basaba Maliyamu embeerera, mumanyi kye kinzijukiza? Kinzijukiza ogubumbe gwa lubaale omukazi ayitibwa Diana, Pawulo gwe yavumirira n'aggyawo okusinzibwa kwe. Ddala kye kinzijukiza. Yabagamba nti, "Abaffe, Katonda si mukazi!"

783 Waliwo oguyinja ogwagwa mu nnimiro, ne bagamba mbu katonda omukazi y'abasuulidde wansi ekifaananyi kye, y'ensonga lwaki abakazi b'e Kkolinso, ne mu mambuka eri yonna, e . . . abaasinzanga Diana, y'ensonga lwaki baali baagala okufuuka ababuulizi.

784 Baagamba nti, "Naye, ffe omwoyo yatugamba nti tusobola okubuulira."

785 N'ababuuza nti, "Kiki? Ekigambo kya Katonda kyava eri mmwe, era kyava eri mmwe mwekka? Omuntu yenna bwe yeerowoozanga okuba ow'omwoyo oba nnabbi, leka ategeere nga bye njogera bye biragiro bya Mukama waffe: omukazi asirikenga era afugibwenga mu kugonda mu kkanisa, talina kuyigiriza newankubadde okuba n'obuyinza bwonna." Bwe kityo ddala bwe kiri! Bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Mukiraba? Era waliwo ababuulizi bangi Katonda b'alibuuza akana n'akataano ku nsonga eyo ku Lunaku lw'Omusango.

786 Kati, muwulirize! Oyinza okugamba nti, "Naye nze, amazima, ekyo kye nnayigirizibwa." Kati amazima ogategedde! Bwe kiri. Ssinga omuntu yenna oba ggwe kennyini osangibwa olina eddagala ly'ogenda okunywa, ne wabaawo akugamba nti lirimu obutwa, naye ggwe era n'o—n'owalaza empaka n'olinywa, ebiddirira ye ggwe gwe guba gusinga. Okiraba?

787 Kati muwulirize kino:

> *Kubanga omusajja teyava mu mukazi; wabula omukazi ye yava mu musajja.*

Kye kiva kigwanira omukazi okubangako akabonero ak'okufugibwa ku mutwe gwe olwa bamalayika.

788 Waliwo omuntu yenna ku mmwe akisomye? Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 11, n'olunyiriri olw'e 10. Bwe weetegereza obulungi kigambye nti, "akabonero ak'okufugibwa," (Olwaki?) "olwa bamalayika," Abakkolinso Ekisooka, kubanga bamalayika abo aboogerwako awo bantu, ye mubaka. Mwetegereze, n'era kitandisa "ba" entono. Ekigambo Bamalayika we kikozesebwa, nga kyogera ku Bamalayika ab'omu Ggulu, kitandisa nnyukuta nnene eya "Ba," ennyukuta ennene eya "Ba." We kikozesebwa nga kitandisa nnyukuta entono eya "ba", kibeera kyogera ku bamalayika abantu.

Era naye omusajja tabeerawo . . . manyanga *omukazi, . . . era naye omukazi tabeerawo awatali musajja—musajja, mu Mukama waffe.*

Kuba omukazi nga bwe yava mu musajja, era n'omusajja bw'atyo azaalibwa omukazi; . . . byonna bya *Katonda.*

Musale omusango . . . bennyini: *kisaana omukazi asabenga* eri *Katonda* (n'enviiri ennyimpi) *nga tabikkiddwaako?* (kati mukirowoozeeko)

789 Kaakati mwekkaanye:

Obuzaaliranwa bwokka tebubayigiriza, nga omusajja bw'akuza enviiri, . . .

790 Oyinza okubuuza nti, "Kyali kikwata ku ki?" Ku nviiri. Ggwe Pawulo ky'ayogerako tokiraba? Ayogera ku nviiri, enviiri empanvu! Oba nga . . . Nti omukazi asaanye okuba n'enviiri empanvu. Kati olunyiriri olw'e 14:

Obuzaaliranwa bwokka tebubayigiriza, nga omusajja bw'akuza enviiri, zimuswaza?

791 Mukifuna? Kya nsonyi omusajja okukuza enviiri empanvu, naye eri omuka- . . . ekyo kifo kya mukazi. Katonda omusajja yamukola nga ayawukana ku mukazi, mu butonde ne mu ndabika, ne mu birala byonna. Omukazi takkirizibwa kwambala kyambalo . . . Bayibuli egamba nti, "Omukazi bw'ayambala empale empanvu oba ekyambalo kyonna ekirina okuba eky'omusajja, kibeera kintu eky'omuzizo era ekicaafu era ekyenyinyaza mu maaso ga Katonda." Era Katonda alikimuvunaana. Ani gw'ogenda okuwuliriza? Naye ate eno Bayibuli y'eyogera bw'eti!

792 Ne muva awo ne mugenda nga mugamba mbu, "Naye, nze ndowooza kirungi eri . . . okulaba abakazi nga bambadde empale empanvu." Naye Katonda yabakola baawufu, era Ayagala bambale mu ngeri ya njawulo.

793 Era Bayibuli egamba nti, "Omukazi singa kamutanda n'ayambala ekyambalo ky'omusajja, abeera kya muzizo."

Eky'omuzizo mumanyi kye kitegeeza? Kye "kintu ekyenyinyaza mu maaso ga Katonda." Ddala teebereza Yakuwa Omukulu okukutunulako nga Alaba ekintu ekyenyinyaza . . . Era Bayibuli egamba nti . . .

794 Kati eri mmwe abagamba mbu . . . Kati abamu ku mmwe abakazi, abaleka bawala bammwe abato abali mu myaka egy'okuvubuka, ab'emyaka kkumi na munaana, abiri, ne mubaleka ne bafuluma ne bataayaaya nga bambadde bwe batyo nga bwe bambala!

795 Ate, naawe, maama! Okiraba? Bw'ofuluma n'ogenda nga oyambadde empale ezo empanvu n'ebyo by'oyambala n'obeera nga . . . n'otambula mu kkubo, nga—nga oyambadde obugoye obw'engeri bwe bakola ennaku zino, ne bukuleetera okufaanana ky'otali. Okiraba? N'ofuluma n'otambula mu kkubo nga wenna olabika bukaba bwereere, mu maaso ga balo na buli omu oyinza okuba tolina kikyamu kyonna ky'ogenderera mu kukola bw'otyo era nga oli mulongoofu, naye bw'otambula mu kkubo omusajja n'akutunuulira olw'engeri eyo gy'oyambaddemu, omusango gukusinga, era ojja kukyanukulira ku Lunaku lw'Omusango olw'okukola obwenzi na buli musajja eyakutunuulira nga oyambadde mu ngeri eyo. Bayibuli bw'etyo bw'egamba.

796 Bayibuli egamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okwenda naye mu mutima gwe," n'olwekyo omusango gukusinga era ojja ku . . .

797 Olijja ku Musango n'ogamba nti, "Mukama, omutima gwange Ogumanyi; ssaakola ku bwenzi, nnali mwesigwa eri omwami wange."

798 Naye walibaawo omusajja, n'omulala wano, n'omulala wano, n'omulala, n'omulala, bawere kkumi na bataano, abiri, asatu, ana bayimirire awo bagambe nti, "Wakola obwenzi!" Lwaki? Kuba waliwo abasajja abaakulookalookeerako.

799 "Naye, si nze eyakireeta." Ggwe, lwaki wayambalanga bw'otyo mu maaso gaabwe? Nga ate Katonda yakugaana okuzambala, nti kyamuzizo okukikola, naye ggwe n'osalawo okuwuliriza eby'akazannyo ka *Ani Ayagala Suzzie,* oba kyonna kye bakayita . . .

800 Mwategeera ebyatuuka ku mwami w'omukyala oyo eyazannya akazannyo ako aka *Ani Ayagala Suzzie*? Mwenna mwabiraba wano jjuuzi mu mpapula z'amawulire. Bwe twali mu kibuga Casper, e Wyoming, ne bifulumizibwa. Ye bamuyita ani? Omusajja oyo eya . . . mu kazannyo ako ke bayita *Twagala Suzzie*, ye oba bakayita batya bannaaye? E . . . Ah, ako akabasigaza ewaka ku Lwokusatu akawungeezi ne mulemwa n'okujja mu lukuŋŋaana okusaba. Bakayita batya? *Twagala* . . . Bakayita batya akazannyo ako? [Waliwo mwannyinaffe addamu nti, "*Njagala Lucy*."—Omuk.] *Njagala Lucy*, bba w'omukyala oyo, oba kale gwe twandiyise bba, gw'apepeya naye, baamukwatira

eri mu Reno Nevada, n'omuwala omuddugavu, era nga yali amaze emyaka egiwera nga ali naye. Kati ebyo bye bibasigaza ewaka mbu muleme okubisubwa mu kifo ky'okugenda, muwulire Enjiri. Omukazi yagamba kituufu. O, ye abaffe! Tewali kintu kyonna kirongoofu wabweru wa Yesu Kristo!

801 Akuwe omukisa, ow'oluganda, leka—leka nkubuulire kino ggwe—ggwe ssebo, abamu ku . . . Mugenda ne mukungiriza mbu, "Ha, bannange, laba omutindo." Ebimu ku—ku binyonyi ebisingayo mu kulya ebifudde bye tulina, ebirya ebintu ebivundu, binyonyi ebirabika obulungi ennyo. Tosobola kumanya bulungi oba bubi bwa kinyonyi nga osinziira ku byoya byakyo, okiraba. Kati ekyo mukijjukire. O, bannange!

802 Kati mwekkaanye:

> *Obuzaaliranwa bwokka* . . . (olunyiriri olwo olw'e 14) . . . *tebubayigiriza, nti,* kya nsonyi omusajja okukuza enviiri? (Ezo za mukazi.)
>
> *Naye omukazi bw'akuza enviiri, kye kitiibwa gy'ali:* . . .

803 Kaakati kiki ky'ayogerako? Ayogera ku kakoofiira mmwe Abakatuliki ke mwambala mu ekereziya? Nedda si k'ayogerako! Ayogera ku kwebikkirira kwe mwebikkirira ku mutwe, n'akatambaala? Ayogera ku nviiri zammwe!

804 Kaakati! Era singa omukazi asalako enviiri ze, abeera asazeeko kitiibwa kye, era takkirizibwa kujja ku wolutaali kusaba. Mukiraba, ky'ekyo kyennyini kye kigamba wano eno nti, "Kisaana omukazi okugenda okusaba nga omutwe gwe tegubikkidwako?" Kigamba wano eno, nti, "Kale, bw'asalibwanga enviiri." Kale leka amwebwenga. "Naye bw'anaamwebwanga," kigambye nti, "kiweebuula, kya nsonyi omukazi okukikola." Bwe kivudde awo ne kigamba nti, "Asaanye abikkibwengako." Kati, wano nso—nsoma busomi bbaluwa ya Pawulo. Mmwe mwenna, kiri gye muli, mukiraba.

> *Naye omukazi bw'akuza enviiri, kye kitiibwa gy'ali: kubanga yaweebwa enviiri ze mu kifo ky'ekyambalo.*

805 Kigambyeko ntinno aliweebwa enkofiira? Mmwe Abakatuliki oba mmwe ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, mwenna, abaagala okugenda mu kkanisa nga mwambadde enkofiira, nga mugamba mbu, "Kati, ŋŋenda ku kkanisa, nnina okwambala enkofiira." Nedda, enviiri zo z'olina okuleka zikule. Eyo y'enjawulo. Mukiraba?

> . . . *kubanga enviiri zaamuweebwa mu kifo ky'ekyambalo.* (Era kya nsonyi omukazi okujja mu kkanisa nga tabikkiddwaako, n'agenda ku wolutaali okusaba.)
>
> *Naye omuntu yenna bw'aba a—ng'ayagala* . . . (Ekigambo ssikakasa nga nsobola okukyatula, e-m-p-a-. . .) . . . *Empaka—empaka* (empaka muzimanyi),

ffe tetulina mpisa ng'eyo, newankubadde Ekkanisa *ya Katonda.*

806 Kati ggwe bw'obeera eyo nga owulira oyagala kuwakana, kale wakana n'Ekyo. Kale, bw'oba owulira nga oyagala kukireetako mpaka, "Ah, naye era tekirina kye kikyusa. Leka tubaleke bagende mu maaso nga bakikola. Nze, ndaba tekiriimu makulu. Nze. . . N'okusooka kwa byonna, ndaba enviiri bwe ziri si ky'ekikulu, ekikulu omutima guli gutya." Ekyo kituufu; omutima bwe gunaatereera, n'enviiri zijja kutereera (Uh-huh).

807 Genda mu maaso, bw'oba owulira oyagala kuleeta mpaka, naye Pawulo agambye nti, "Ffe tetulina mpisa nga eyo, newankubadde mu Kkanisa ya Katonda." Agamba nti, "Bw'oba owulira oyagala kubeera ku ludda lwa Kayini, tewali buzibu, genda mu maaso." Naye Kino ye nga Pawulo ky'agamba.

808 O, ssigenderera kuseka, kubanga eno si nsonga esesa. Naye mbabuulira ab'emikwano, kya nsonyi okulaba ebintu bino engeri gye bikkiriziddwa okuba nga bikolebwa. Ni. . .

809 Muwulirize! Eri mmwe, bannyinaze abaagalwa, njagala munyume mulabike bulungi nnyo ddala nga bwe kisoboka era munyiririre ddala nga bwe kisoboka, bwe mutyo bwe mulina okuba. Bwe mutyo bwe mulina okuba. Era osaanye obeere nga weerongoosezza nga olabika bulungi era nga oli wa ggonjebwa na buli kimu nga bw'osobola omwami wo w'akomerawo, era ddala nga bw'ali kabiite wo. Era osaanye okumwaniriza ku mulyango n'oku—n'okumunywegera, nga omulaga omukwano nga gwe wamulaga ku lunaku luli lwe wamunywegera ku wolutaali okubeera balo. Bwe kiri. Sibanenya lwa kunyirira na kulabika bulungi na kulabika mu ngeri esingayo obulungi. Nange bwentyo bwe njagala mubeere, Katonda akimanyi nga nkyagala.

810 Gye buvuddeko wano ebbanga si ddene, nnali njogerako ne Jack Shuler. Ani yali awulidde ku Jack Shuler? Omubuulizi asingayo okuba ow'erinnya Abamesodisiti gwe balina. Yagamba nti, "Waliwo omukazi eyajja gy'ali n'agamba nti. . .nga yenna enviiri ncaafu okukamala, nga bw'agaaya swiiti-ggaamu, nga ayambadde obugoye obunnukkidde, n'agamba nti, 'Okimanyi nti, omwami wange takyayagala na kusula nange.'"

811 N'amuddamu nti, "Ssimunenya."

812 Ddala mutuufu. Kaakati, naye ky'olina okukola, olina okweyonja n'okwenyiriza mu ngeri ekkirizibwa. Okwenyiriza kwo n'okulabika obulungi tobikoppa ku Hollywood, biggye mu Bayibuli, ewa Katonda. Beera mukyala ddala, weeyise nga omukyala, yambala nga omukyala, weeyonje. Weeyise nga omukyala, toyambala bintu ebyo. . .

813 Omusajja yenna akkiriza mukyala we okufuluma nga ayambadde obuntuntu obwo mu maaso g'abasajja, n'obuntu obwo obutasaana. . .n'afuluma n'agenda asaawa omuddo

mu luggya, n'ebirala bwe bityo, mukulu ssebo, nkubuulira ow'oluganda! Ssi—ssigenderera kuba mukambwe, nze . . . Katonda amanyi nga ekyo ky'ekiri mu mutima gwange. Naye kijja ku . . . Kijja kunneetaagisa okusooka okubaako ebintu bingi nnyo bye nkyusa nga ssinnaleka mukyala wange kukikola. Ŋŋenda kubeera nnampala awa ebiragiro nga nsinziira ku kasozi eri waggulu ebbanga lyonna lye nsobola okukikola, okiraba; bwe ndituuka ekiseera nga sikyasobola kukikola, olwo ndivaayo. Ddala bwe kiri.

814 O, ow'oluganda, ekyo kya nsonyi era kivve omukazi okukikola. Kati mu kino ssi—ssitegeeza, mwannyinaffe . . . Ssi—ssibamalaamu nsa, naye kye ngezaako okubagamba kiri nti . . . Ekkanisa yaffe wano terina bammemba, abantu wano bajjawo buzzi. Naye eno nnyumba ya Katonda, era lubeerera abantu tubakuutira obutayambala bintu ebyo. Ne tubagamba nti . . . mulibyanukulira ku Lunaku lw'Omusango. Kaakati mulabeeyo. N'olwekyo enviiri zo zireke zikule, okiraba, era beera omukyala ddala.

815 Kati:

> *Naye bwe . . . mbalagira kino ssibatendereza, kubanga temukuŋŋaana* ku . . . *lwa bulungi wabula olw'obubi.*
>
> *Kubanga eky'olubereberye, bwe mukuŋŋaanira mu kkanisa, mpulira nga waliwo okwawukana mu mmwe;* n'ebirala, . . . (kati okuva awo kyogera ku kusembera)

816 Kati Ekyo mukiwulirize. Eyo y'ensonga lwaki bamalayika . . .

817 Kaakati, Ow'oluganda Palmer, ssisinziira ku lutambi luno kukugamba kubuulira eyo ewuwo kintu ky'ekimu kye mbuulira wano. Naye okimanyi bulungi ddala, ate nga bwe kiri nti oli mubuulizi, Amazima ogamanyi, ow'oluganda. Kale.

818 N'olwekyo *bamalayika* aboogerwako wano be "basajja." Bw'okyetegereza obulungi, Ow'oluganda Palmer, kiwandiikiddwa mu nnyukuta ntono "bamalayika." Era Bayibuli egenda mu maaso . . . Ayogera ku musajja ne mukyala we, okiraba, ogwo gwe mulamwa gw'eky'okuyigako.

819 Abantu Bayibuli bw'etyo bw'ebatabulatabula, ne batuuka ne bagamba, "Naye, Katonda *wano* eno ayogera kino, ate wali n'ayogera ekirala . . . " Nedda, ye—ye ggwe awubiddwa n'ova ku mulamwa ogwogerwako. Ggwe sigala ku mulamwa gwe gumu gw'ayogerako, kye kyokka. Ayogera ku musajja na mukyala we.

820 Kati waliwo ekintu ekirala kimu kye njagala nkooneko nga tetunnamaliriza, kigenda kuntwalira eddakiika nga bbiri:

74. Abatukuvu balibeera wa okufuga okw'emyaka olukumi bwe kuliba kuweddeko? Era mubiri gwa ngeri ki gwe baliba nagwo?

821 Ndowooza ekyo kye kibuuzo kye nsinze okwagala mu byonna, amazima nkyagadde. Kaakati butereevu leka tukyogereko.

822 Ku lubereberye, Katonda . . . Okuyigiriza kwaffe okukwata ku Abaebbulaniya tugenda kukuddira mu ddakiika ntono. Katonda yali nsulo eno ennene ey'ekitalo eya langi omusanvu. Ekyo bameka abakimanyi? Mukiraba? Era bameka abakimanyi nti Katonda alina Emyoyo musanvu? Ddala giri, Emyoyo musanvu. N'omwana gw'endiga nagwo gwalina amaaso musanvu, n'ebirala, kati ebyo byonna bikwatagana wamu. Mukiraba? Kati, Katonda bw'atyo bwe yali.

823 Kati Ye (nga Logos) bwe yava mu Katonda, nga awo yali Katonda nga ava mu kubeera ensulo eno ennene okufuna omubiri ogulu mu kifaananyi nga e—eky'omuntu; n'akola Logos, gwe tuyita omubiri ogw'omwoyo.

824 Kati, omubiri ogwo ogw'omwoyo bw'ogwetegereza, oyo muntu. Kaakati oku . . . Kati, ekyo kye twali mu kusooka. Kati, mu kaseera kano tokitegeera, naye emabega eri ku ntandikwa bw'otyo bwe wali. Omuntu bwe yakola . . . Katonda bwe yakola omuntu mu kifaananyi Kye, Yamukola ali mu mubiri ogw'omwoyo. Era ekyamumuteesa mu mubiri ogw'ennyama . . . Katonda bwe yakola omuntu mu kifaananyi Kye, mu ngeri y'endabika Ye, baali . . . Mu Lubereberye 2, baali . . . manyanga Lubereberye 1:28, nzikiriza we kisangibwa wagamba nti, "Waali tewannabaawo muntu alima ttaka," ate nga omusajja n'omukazi Katonda yali amaze okubakola. Bwe kigamba, "Tewaali muntu alima ttaka."

825 Katonda kye yava awanula omuntu waggulu gye yali n'amussa ku ddaala erya wansi mu bulamu bw'ensolo, nga gwe mubiri guno, okufaananako n'ensolo asobole okulima ettaka, okuba nga asobola okukwata. Omubiri guli ogw'omwoyo tegusobola kukwata kintu kyonna, tegulaba, tegusobola kulegako, teguwunyiriza, teguwulira; tegulina busimu buno bwe tulina. N'olwekyo Katonda omuntu yamuteeka ku mutendera guno ogwa wansi asobole o—okukoma ku bintu n'okuba n'eneewulira.

826 Kati—kati bwe yatambulanga mu lusuku Adeni, mu kusooka nga ali mu mubiri ogw'omwoyo (nga Omwoyo Omutukuvu bw'ali mu kutambula wano kati), gwakulembera ensolo. Gwali gufuga buli kimu, naye nga tegusobola kulima ttaka, mukiraba. Katonda kye yava amuteeka mu mubiri ogw'ennyama asobole okulima ettaka. N'amuwa obusimu obutaano, okusobola okulima ettaka n'okusimba e—ensuku z'emizabbibu ne—n'ebirala, naye era mu ebyo byonna omuntu yasigala alabika nti muwuubaavu. O, kino kifaananyi kirungi nnyo.

827 Mulabeeyo, kubanga bwe yakolebwa omulundi ogwasookera ddala, yakolebwa alimu abantu babiri mu omu. Yakolebwa

alimu omusajja n'omukazi, omuntu bw'atyo bwe yali. Bayibuli egamba bwe yali. Katonda yakola omuntu nga alimu omusajja n'omukazi, "bwe Yamutonda." Mulabeeyo kati, omuntu bwe yayawulibwa n'aggyibwa mu mubiri ogw'omwoyo n'ateekebwa mu mubiri ogw'ennyama, ye—yenna mu bulamba bwe teyali mu mubiri guno; ekitundu ku ye kyali kikyali mu mubiri ogw'omwoyo, n'olwekyo kyali tekirabika bulungi.

828 Waayitangawo ente ennume n'enkazi, ne wayitawo embalaasi, ne wayitawo ente ennume, ne wayitawo n'ebisolo ebirala byonna, nga byonna bitambula bibiri bibiri. Naye ye Adamu, ya . . . yali . . . Mukiraba, waali waliwo ekibulawo. Okuyaayaana okwo kwokka kwali kulaga nti waaliwo omubeezi eyali amulindiridde. Mukitegeera? Naffe ebirowoozo bino bye tulina nti wano we tuli tulina okufa, nti tutawaanyizibwa ne tusoberwa, era tuyaayaanira Obulamu obwo obutaliimu kufa, kiraga nti butulindiridde. Mukiraba?

829 Kati Adamu yalina ekiwuubaalo ky'okubeera obw'omu. Era Katonda, okusobola okulaga nti baali tebasobola kwawukanyizibwa . . . Kati ensonga y'emu eno ŋŋenda kugiddira, mu kaseera katono.

830 Mulabeeyo, Katonda teyagenda kutoola ttaka ddala kukolamu Kaawa, wabula Yamukola okuva mu ttaka liri lye yasooka okutoola, nga ye Adamu. Yamusowolamu olubiriizi n'amukoleramu omubeezi, era oyo nga ye yali Kaawa. Kaawa yakolebwa ku lwa musajja, era nga kitundu ku musajja. Okuva ku lubereberye yali kitundu ku musajja, mu kutondebwa, mu mubiri ogw'omwoyo. Era n'aba kitundu ku musajja ne mu kutondebwa kuno wano eno. Yali tasobola kwawulwamu kubeera kitonde kirala, yalina kukolebwa kuva mu kitonde kye kimu.

831 Eyo y'ensonga yennyini lwaki Kristo ne Katonda yali alina kuba Muntu y'omu yennyini, kyali tekisobola kubaawo mu ngeri ndala yonna. Aba kubeera bubeezi muntu omulungi oba nnabbi kyokka, teyandibadde Mununuzi; Yalina kuba Mutonzi Yennyini. Naye kati, Ali mubiri ogw'omwoyo, mukiraba, era nga bwe Yali mu kiseera kiri.

832 Kati omuntu yajja wano ku nsi era ya—yali alabika bulungi nnyo; okutuusa nti Katonda kyamusanyusa, n'Agamba nti, "Ekyo kirungi, leka babeere ku nsi era bagibeereko emirembe n'emirembe. Ebbanga lyonna; okuyita—okuyita mu Butaggwaawo, babeerengawo, era, babeererewo ddala. Buli kimu ka kikule, buli kimera kigende mu maaso nga kyezaala, n'ebirala byonna bwe bityo mu ngeri y'emu. Era leka omuntu abeerewo, n'ensolo zibeerewo, na buli kimu kyonna, byonna bibeerewo emirembe n'emirembe. Birabika bulungi." Mukiraba?

833 Naye ekibi ne kiyingirawo. Era kati kino njagala nkyogere. Mu . . . Waliwo abantu bangi nnyo abakola ensobi ey'amaanyi

ennyo ku Kyawandiikibwa kino, ekya Zabbuli eya 23. Bakisoma bwe bati nti, "Weewaawo, newankubadde nga ntambulira mu kiwonvu *ekikutte enzikiza* eky'ekisiikirize eky'olumbe." Kati, teri kintu kya ngeri eyo. Bayibuli tegamba, nti, "Ekisiikirize ekikutte enzikiza eky'ekiwonvu . . . ekiwonvu ekikutte enzikiza eky'ebisiikirize eby'olumbe."

834 Egamba nti, "Newankubadde nga ntambulira mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'olumbe." Kati, nga tewannabaawo kisiikirize, wateekwa okusooka okubaawo ekitangaala okusobola okukola ekisiikirize. Mukiraba, Dawudi kubanga yali nnabbi era nga ayogera olw'okuluŋŋamizibwa, teyakola nsobi, yayogera Mazima gennyini nti: "Weewaawo, newankubadde nga . . . " si, nga ntambulira mu kiwonvu *ekikutte enzikiza,* wabula, "mu kiwonvu eky'*ebisiikirize* eby'olumbe."

835 Nga kitegeeza kikwetaagisa okuba n'ekigero eky'ekitangaala okusobola okukola ekisiikirize. Era bwe kityo bwe kiri wano. Tuli bantu abalina oludda olw'obutonde n'oludda olusukkulumye ku butonde. Omubiri guno gufa, era gwazaalibwa mukazi; tegwazaalibwa kuyita mu kintu kirala kyonna wabula gwajja kuyita mu . . . Tegwazaalibwa Katonda, wazaalibwa kuva mu Adamu na Kaawa. Oba oli muddugavu, oba oli mweru, oba kyonna ky'oli, wazaalibwa, era wasibuka mu Adamu na Kaawa. Ekyo kireetera omubiri gwo okuba nti "gwazaalibwa mu kibi, n'obumbibwa mu bujeemu, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba." Ogenda okutandika oti obulamu nga wasalirwa dda era gwakusinga, nga tolina, yadde akakisa akamu bwe kati ak'okusimattuka.

836 Kati, kubanga omwoyo gw'olina wagufuna kuyita mu butonde, era nga obutonde bwajja kuyita mu kwegatta wakati w'omusajja n'omukazi, olw'okwegomba wakati w'abasajja n'abakazi okusobola okuzaala omwana ku nsi. Era ssinga omwana oyo omuleka, n'otabaako kituufu kyonna ky'omuyigiriza, era ajja kwonooneka. Ne bw'otabaako kikyamu kyonna yadde ekituufu kyonna ky'omuyigiriza, era ajja kulondawo kikyamu. Kubanga obwo bwe butonde bwe okukola bw'atyo.

837 Ggwe weetegereze omwana omuto, eyenkana nga wano *bu'ati* obuwanvu, atabuka ne yeecwacwana yenna yenna; n'a . . . n'a—n'afunya obugalo bwe, n'amyukirira mu maaso, n'asiba omukka. Ddala. Kiba kiki ekyo? Bwe butonde bwe. Yandiba nga yabuggya ku kitaawe oba ku nnyina, omu ku bo; yandiba nga nnyina ye yalina obusungu obwo obusobola n'okulwanyisa omusumeeno ogw'amasanyalaze, oba kitaawe. Bwe baba si be baabulina, yandiba nga yali jjajja w'omwana oyo omukazi oba jjajjaawe omusajja nga ye yabulina. Mukiraba, obutonde obwo azaalibwa nabwo.

838 N'olwekyo ekyo kivaamu . . . Ozaalibwa mu nsi. N'ojja

okuyita mu butonde, naye nga obulamu bwo bwonna budduggavu era bujjudde empitambi, nga wabula, era wakolimirwa era ogenda mu ggeyeena. Ddala bwe kiri!

839 Naye bw'ozaalibwa ogw'okubiri, Omusana gwa Katonda nga gwaka mu mmeeme eyo (aleruuya) olwo ne kiba nga tekikyali kiwonvu ekikutte enzikiza, naye ekiwonvu ekirimu ekisiikirize. Ku ngulu oyinza okubaako olusiisira lw'omubiri, n'ebintu ebitali ebimu bwe tukulaba n'amaaso gaffe, naye munda mu ggwe mulimu Ekitangaala ekimala. Era lumu Ekitangaala ekyo n'ekizikiza birina okwawukana! Era Ekitangaala bwe kyaka, ekizikiza kibuna emiwabo. Era bwe tugenda okubeera ne Kristo mu mubiri guli, ekizikiza n'okufa bibulawo, ne tubotola okuyingira mu Musana ogwa nnamaddala. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Kiikyo; nga tewakyali ndwadde, tebukyatabuddwaamu kizikiza.

840 Mu kaseera kano tulina endwadde wamu n'essanyu, tulina obulamu obulungi n'amaanyi, tulina *ebyangu* n'*ebizibu*, n'*obusozi* n'*obukko*, n'essanyu n'ennaku, n'ebirala. Naye, ebyo kisiikirize busiikirize. Tulina ekitangaala ekitumala okutegeera nti eri waliyo Omusana; naye tukyali bubeezi mu mubiri guno, ogw'ennyama. Naye lumu Olunaku lujja kukya. Ke kaseera ako malayika ow'okufa lw'aligumba emirannamiro w'ekitanda, ke kaseera ako omusawo lw'aligamba nti tewakyali ssuubi lyonna; olwo oludda luno olw'obutonde lweyawule ku ludda luli olusukkulumye obutonde, ekitangaala kiddeyo eri Omusana, n'ekizikiza kiddeyo eri ekizikiza. Olwo omubiri guno ogufa gwambale ogutafa. Ky'ekiseera omubiri guno oguvunda lwe gulyambala ogutavunda. Ky'ekiseera omuntu ono afa lw'alyambala obutafa, ne tukyusibwa okuva mu kubeera ekitonde eky'ebiseera okufuuka ekitonde eky'Obutaggwaawo. Toyinza kugendayo nga olimu kizikiza kyereere, olina okubaamu n'ekitangaala mu kizikiza. Kiikyo. Ogwo gwe mubiri ogwo gw'ofuna.

841 Tukola ki? Kaakati, muganda wange omutukuvu omwagalwa, naawe mwannyinaze omutukuvu omwagalwa, ensi bwe yali tennatondebwa, Katonda bwe yakutonda mu kifaananyi Kye, manyanga bwe Yatonda o—omusajja mu kifaananyi Kye, n'atonda n'omukazi mu kifaananyi ky'omusajja olw'ekitiibwa ky'omusajja, Yakukola nga oli mu mubiri ogw'omwoyo. Nga era Ye kennyini, bwe Yagamba nti, "leka Tukole" nga agamba ebitonde bye Yali akoze, "leka Tukole omuntu mu kifaananyi Kyaffe Kyennyini, mu ndabika Yaffe, omubiri ogw'omwoyo." Katonda mu kiseera ekyo yali tannayambala mubiri gwa nnyama, Yali akyali mu mubiri ogw'omwoyo.

842 Era Musa yamulabako. Musa yamukaabirira nga amusaba nti, "Mukama, nzikiriza nkulabeko."

843 N'amugamba nti, "Genda emitala eri weekweke mu lwazi, enjazi we zaawukanira." Bw'atyo Musa n'agenda ne yeekweka awo enjazi we zaawukanira; era Katonda bwe yayitawo, ne wabaawo okumyansa n'okubwatuka kw'eggulu. . . Era Katonda bwe yali ayitawo, yayitawo nga akubyeyo omugongo Gwe erudda eno *bw'ati.*

Era Musa agamba nti, "Gwali nga omugongo gw'Omuntu." Aleruuya!

844 Yali ani Oyo? Yali Merukizeddeeki eyakka wansi, Kabaka w'e Salemi, ataalina kitaawe newankubadde nnyina, ataalina lunaku lwe yasookerako newankubadde enkomerero y'obulamu. Ye Oyo! Era Yakka wansi. Ye Oyo eyayogera ne Ibulayimu; eyeekolera omubiri ogw'ennyama, n'agira be "Wuu!" n'agufuuwamu omukka, n'aguyingiramu, n'akka wansi n'alya ennyana, n'anywa amata g'ente, n'alya n'omugaati oguliko ssiyaagi. Wamu ne Bamalayika ababiri.

845 Era bwe baavaayo, ebintu ebyo byonna, nabyo byabulawo bubuzi be, "Wuuu!" ne biba nga tebikyaliwo.

846 Ekyo nnali ssikirowoozangako. Jjuuzi wano, nnali mpanga essasi nga nditeekamu obuganga, nnalina emmundu ekika kya Swifuti .220, egendamu essasi lya butundu bwa yinci .22. Mmwe ab'oluganda abategeera eby'emmundu mugitegeera. Essasi eryo, lya gureyini ana mu munaana, lyenkana nga *wano* obuwanvu, ssasi lya butundu bwa yinci .22. Liwangibwa mu mmanduso ebalulira ku maanyi kyenkana agenkana ag'emmundu ewangibwamu essasi ery'obutundu bwa yinci .30-06. Kati nze. . . Kati ekkolero erikola essasi eryo ligamba nti lirina kudduka ssipiidi ya ffuuti enkumi nnya mu bina buli katikitiki. Kale, naye kati ggwe osobola okuliteekamu. . . osobola okulyeteramu obuganga, ne lidduka ssipiidi ya fuuti enkumi ttaano buli katikitiki. Nga—nga kitegeeza nti, singa obaako ne ssabbaawa gy'okuba. . . Luli twali tukuba ssabbaawa, jjuuzi, mu buwanvu bwa mita kikumi kinaana mu ssatu, naye nga essasi bw'olikuba ligenda ne lisitula enfuufu, n'esituka mu bbanga nga n'emmundu tennafulumya ddoboozi lya ssasi likubiddwa. Lidduka obwenkanidde awo.

847 Naye kati kwata akati k'amannyo (mumanyi, oludda lw'akati k'amannyo olutali lusongovu) okasse mu buganga obwo okajjeyo nga kaliko obuganga, ne bwe buba buweke nga buna oba butaano, obuteeke mu ssasi, oluvannyuma essasi eryo oliwange mu mmundu. Oyimirire wano, mu katikitiki kamu essasi eryo obeera olirina mu ttaano. Naye liragirize okube omusu ogutudde nga mu bbanga lya mmita nkaaga okuva awo w'oli, omusu ogwo tegujja kuseguka yadde. Essasi lisesebbuka ne liddayo ne lifuuka ebirungo biri mwe lyakolebwa, ne lifuuka emikka egy'enjawulo. Essasi liirino wano eryakolebwa mu kirungo ky'ekikomo nga kitabuddwa wamu n'ekirungo

ky'erisasi, naye mu kaseera katono ddala akataweza na katikitiki, libeera lizzeeyo gye lyava nga tokyasobola na kuddamu kulirabako. Libeera lizzeeyo nga bwe lyali emyaka obuwumbi kikumi emabega, nga lifuuse mikka. Emikka egyo girina okwetuuma awamu ne giddamu ne gifuuka ekirungo ky'ekikomo n'erisasi, n'ebirungo ebirala, bwe bityo. Emikka egyo girina okwetuuma awamu.

848 Kaakati, kiikyo. Naffe bwetutyo bwe twajja okubeera wano, twava mu kitonde ekiri ku ddaala erya waggulu. Ku lubereberye twali mu kifaananyi kya Katonda. Mu kaseera kano eggigi awamu n'ekizikiza bye bituziyiza ne tutakitegeera. Naye Yesu yagamba abayigirizwa Be nti Yali "nabo nga n'ensi tennatondebwa." Mukiraba? Twaliwo! Mu kaseera kano tosobola kukitegeera, naye waliwo ku lubereberye. "Kubanga ensiisira eno ey'omu nsi bw'eribumbulukuka, tulina endala etulindiridde!" Aleruuya! Olwo tuyingire mu mubiri guno ogw'omwoyo, olumu mwe twali, tusobole okulya n'okukwataganako mu ngalo. Era emmeeme eziri wansi w'ekyoto zikaaba zibuuza nti, "Kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo, Mukama?"

849 Waliwo emitendera musanvu egigenda eri Katonda, eri Emyoyo omusanvu nga—nga bwe Gikka wansi. Kale, kati nga bw'ogenda wansi w'ekyoto kya Katonda, baali bakaaba nti, "Mukama, kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo? Tusobola okuyita wano eno, ne tuddayo?"

850 Katonda n'abaddamu nti, "Wabulayo akaseera katono, okutuusa nga bannammwe nabo bayise mu kintu kye kimu kye mwayitamu." Mukiraba?

851 Era oluvannyuma emmeeme zikomawo, ne baddamu ne babeera abasajja n'abakazi nga bwe baali, ne babeerawo emirembe n'emirembe nga ekizikiza n'okufa n'endwadde n'ennaku y'ekizikiza biweddewo; nga tewakyaliwo kisiikirize kyonna, wabula nga musana mwereere!

852 Muwulirize. Kiikino wano. Ekizikiza ka kikwatire ddala nga bwe kisobola; naye tekiyinza kukwata nnyo kisusse nga enjuba tennavaayo kusaanyaawo nzikiza yonna. Ekizikiza n'omusana tebisobola kumala kiseera kinene nga biri wamu. Kubanga o . . . Ku byombi kiruwa ekisinga kinnaakyo amaanyi? Musana. Era omusana oluba okwaka, nga ekizikiza kibuna emiwabo. Amiina. Temuli basanyufu? Temuli basanyufu okuba nti mumanyi? Awatali kubuusabuusa kwonna, tewali kisiikirize wantu wonna. Naye Omusana guno ogw'omukisa oguli mu mitima gyaffe kaakano, kintu ekiwa obujulizi nga kijulira ku: Mwana wa Katonda, ku maanyi ga Katonda.

853 Era tujja wano, ne tulaba amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu nga gakka ne gatambula mu lukuŋŋaana, ne gagamba nti, "Ye ggwe Muky. *Gundi*, wakola ekintu *gundi*, mu

kifo *gundi*. Obuzibu buno bukumazeeko ebbanga *bwe liti*, naye BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, 'Yimirira ku bigere byo, owonyezeddwa.'" Omuntu abadde omulema era omuzibe w'amaaso n'asituka n'ayimirira. N'omusajja abadde amaliddwaawo kookolo, nga asigaddewo kisiikirize busiikirize, naye n'awonyezebwa n'afuna obulamu obupya nate.

854 Tekiriiko kubuusabuusa kwonna, Yesu yagamba nti, "Ebintu bino bye Nkola, nammwe mulibikola." Era Yagamba nti, "Ssirina kye Nkola okutuusa nga Kitange akindaze."

855 Kye kiki ekyo? Ogwo gwe Musana ogujja ne gwetabula mu kizikiza kino, mukiraba, okusobola okutununula. Mutegeera bye ntegeeza?

856 Kati, lumu tuliddayo mu guli, era omubiri ogwo ogw'omwoyo bwe guliddamu ne gufuuka omubiri ogw'ennyama ogutafa nga bwe gwali ku lubereberye, olwo Yesu n'alyoka ajja, era Katonda . . . Kristo lw'alibeera omu. Kristo alituula ku Ntebe ey'obwakabaka, era abantu bonna balibeera bantu. Kristo alibeera ku ntebe ya Dawudi, nga Muntu, Mukama waffe Yesu; nga taliddamu kufa. Naffe tetuliddamu kufa, tetuliddamu kulwala, tetuliddamu kulaba nnaku, era tulibeera balamu okumala emyaka lukumi.

857 Emyaka olukumi bwe giriggwaako wano ku nsi, olwo ssetaani aveeyo; n'okuzuukira okw'okubiri kubeewo, okuzuukira kw'abatali batuukirivu. Bakuŋŋaane wamu bakole eggye eddene nga omusenyu gw'ennyanja, beekuluumulule bajje okuzinda olusiisira lw'abatukuvu, era bwe balikikola, olwo Katonda alyoke atonnyese omuliro n'olunyata okuva mu ggulu abazikirize.

858 Era Yokaana agamba nti, "Ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya, kubanga eggulu ery'olubereberye n'ensi ey'olubereberye byali biweddewo, nga n'ennyanja tekyaliwo. Era nze, Yokaana, ne ndaba Ekibuga Ekitukuvu, Yerusaalemi Ekiggya, nga kikka okuva ewa Katonda mu Ggulu, nga kitegekeddwa nga Omugole ayonjereddwa bba." Kiikyo.

859 Awo n'agamba nti, "Omukyala . . . Omwana gw'endiga n'Omugole balibeera eyo emirembe n'emirembe." Walibaawo ensi empya, nga eriko obukadde n'obukadde bwa sukweya mayiro. O, bannange. Ekibuga, Bayibuli ewa ebipimo by'Ekibuga n'egamba nti kya mayiro omtwalo gumu n'ekitundu ku njuyi zonna ennya. Kiriko obuwanvu bwa mayiro omutwalo gumu n'ekitundu, n'obugazi bwa mayiro omutwalo gumu n'ekitundu, n'obugulumivu bwa mayiro omutwalo gumu n'ekitundu. Ebyo bye bipimo by'Ekibuga byennyini Bayibuli by'ewa. Tekyewuunyisa okuba nti ennyanja yali tekyaliwo, yali tekyalina kifo wa kutuula.

860 O, walibaayo obulungi obutagambika! Ate munda, mulimu ensulo ekulukuta okuviira ddala ku Ntebe ya Katonda,

ng'ekulukutira mu maaso g'Entebe. Waliwo omuti ku buli ludda lw'omuti . . . lw'omugga ogw'Obulamu. Era ku muti guno kubalako ebibala bya bika kkumi na bibiri, era gussaako ebibala byagwo buli mwezi.

861 Waliyo abakadde abiri mu abana. Waliyo Omugole. Waliyo abalaawe emitwalo ena mu enkumi ennya, ab'omu yeekaalu. O, ow'oluganda tulina gye tugenda awakulu ennyo! Tulina ebintu eby'ekitalo ebitulindiridde. Abana . . . Abakadde abiri mu abana. Abalaawe emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya. Omugole nga atudde ne Kristo. Bannange, yogera . . . Amaka gange, Amaka amalungi! Amiina.

862 Okukirowoozaako obulowooza nti nnina omukisa ogw'okugendayo, nti naawe olina omukisa ogw'okugendayo. Kati ddala kiki ekikulonzaawo okutambulira mu kizikiza kino n'ogaana okulaba Omusana, n'ofa n'ogenda mu mivuyo n'oggwaawo obutasigala yadde? Kubanga Omusana bwe gutwala obuyinza bwagwo obw'enkomeredde, ekizikiza kiba tekikyalina kifo. Genda onoonye wa ekizikiza gye kiddukira nga omusana guzze. Ekyo kye kibaawo, ebintu byonna bwe biddayo eri Katonda. Kyalina, ekizikiza kyalina entandikwa, era ekizikiza kirina enkomerero. Ekitangaala tekibangako na ntandikwa na bwe kityo tekisobola kuba na nkomerero. Katonda tabangako na ntandikwa era taliba na nkomerero. N'olwekyo, lumu, ensi eno yonna ejjudde obugwenyufu n'ekibi kyonna ekigiriko n'obulungi bw'endabika yaayo, bwe batwala okuba nti bulungi, n'amatiribona gaayo gonna n'amasanyu gaayo gonna, n'ebisikiriza byayo byonna na buli kimu byonna birizikirira biggwerewo ddala, obutasigala yadde. Biriggweerawo ddala, obutaddamu yadde n'okulowoozebwako! Wagamba nti, era, "Tebiriddamu yadde okujjukirwa."

863 Naye abo Mukama be yawa omukisa balibeera wamu Naye. Tulibeera n'omubiri nga omubiri Gwe ogw'ekitiibwa; tubeerenga Naye, tulyenga Naye, tutuulenga Naye, tubeerenga Naye emirembe n'emirembe emirembe n'emirembe n'obwesedde bw'ebiseera; emirembe Egitaggwaawo gyekulungulule giyitewo mu nsi etakoma.

864 Era olina omukisa ogw'okulondawo akawungeezi ka leero. Bw'oba toli mwetegefu kugenda mu kifo ekyo, k'obeere nga ojjumbira okugenda mu kkanisa okwenkana wa, k'obeere mmemba omulungi okwenkana wa, osigala wabula okutuusa nga Kristo akuwadde Obulamu obuggya mu kizikiza ekyo mw'otambulira. Oyinza okuba munnaddiini. Okubeera munnaddiini, muwulirize, ab'emikwano, eddiini magezi ga bwongo. Mukiraba? Abaana ba Kayini bonna lubeerera babaddenga n'eddiini. Abayudaaya abaaliwo mu kiseera Yesu we yajjira baalina eddiini, naye obulokozi baabugaana.

865 Oyinza okuba munnaddiini omukuukuutivu akawungeezi

kano. Oyinza okuba oli Mupulesibeteriyani, oba Mumesodisiti, oba Mupentekoote, oba Munazaliini, oba wa Pilgrim Holiness. Oyinza okuba otuukiriza byonna eddiini yo by'eyigiriza; nga ogenda mu kkanisa gy'okuŋŋaanira n'owa obujulizi, osobola okuyimba n'oleekaana n'otendereza Mukama, osobola okuwaayo ekimu eky'ekkumi kyo mu kkanisa, osobola okuyisa bulungi muliraanwa wo, ebyo tebirina kakwate konna na nkomerero yo ey'Obutaggwaawo. Ebyo byonna Kayini yabikola. Ddala yabikola.

866 Bayibuli egamba nti, "Eŋŋaano ennungi n'eŋŋaano ey'omu nsiko byakulira wamu." Eŋŋaano ennungi ebeera awo, nga efa enkalamata olw'obutafuna nkuba, nga—nga ne ssere naye afa enkalamata. Enkuba bw'etonnya, ssere asanyuka nnyo okufuna enkuba mu ngeri y'emu eŋŋaano gy'esanyukamu. "Naye, mulibategeerera, ku bibala byabwe."

Kaakano leka tusabe nga bwe weekkenneenya ebibala by'obala.

867 Kaakano, ayi Kitaffe Katonda, wabaddewo ebibuuzo ebikalubo ddala akawungeezi ka leero. Nnyinza okuba nga ssikoze kituufu kirina kukolebwa, naye nkoze ekisingirayo ddala nga bwe mmanyi; Omanyi omutima gwange. Nkusaba, ayi Katonda, Okikkirize. Era kaakano, oba oli awo, mu bimu ku bibuuzo bino, bwe mba ssibyanukudde bulungi, nkusaba Oyogere eri emitima gy'abantu, Obafuule ekyo kyennyini kye bateekwa okuba. Muli mpulira nga ye Ggwe aŋŋambye. Naye bwe mba omukyamu, nkusaba Onsonyiwe.

868 Era nkusaba, ayi Katonda, buli omu ku bantu bano atwale ebintu bino mu mutima gwe, abifumiitirizeeko era abirowoozeeko bw'ati nti, "Kituufu ddala, ekkanisa w'eri, n'ebintu bino gyebiri. Bayibuli bw'etyo bw'egamba."

869 Oba oli awo abakyala, Mukama, Omanyi nga sirina n'omu ku bo gwe mbadde nnumbagana nga mbagamba bye mbagambye. Naye, ayi Katonda, bannyinaze abo mba—mbaagala, era ekyo Kitange, Okimanyi. Omanyi bwe mbalumirirwa. Naye ate ssinga nnyimirira ne mbabuulira ekintu kyonna ekitali kituufu, ate awo mbeera nfuuse mu—mulimba gye bali. Ssaagala kubeera mulimba eri bannyinaze, njagala kubabuulira Mazima. Era, Kitange, Amazima ago ngaggya mu Kigambo Kyo mwennyini.

870 Ne baganda bange ssibasalira musango, naye, Mukama, kye mbagamba kimu nti bakola kikyamu bwe baleka ebintu bino okuba nga bikolebwa. Kubanga ssinga omukyala ategeera ekituufu ky'alina okukola naye n'agenda mu maaso n'akola ekikontana nakyo, awo ye gwe guba gusinga, so si musumba.

871 Kaakano ggwe Abba Kitaffe, ebintu ebyo Kigambo Kyo, era ye Ggwe abivunaanyizibwako. Kaakano Yogera eri emitima gy'abantu. Mbawaayo bonna gy'Oli. Nnindiridde okulaba

by'Onaaba okoze, ayi Kitange; Omanyi. Yogera eri buli mutima. Tukisabye mu Linnya lya Kristo.

Nga bwe tukotese emitwe gyaffe:

872 Ssimanyi oba nga waliwo omuntu yenna eyandyagadde okuyimusa omukono gwe, nga agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi nzijukira mu kusaba nsobole okuwangulira ddala, ne ku lunaku olw'enkomerero nsobole okwambala ekyambalo eky'Obugole era mbeere ne Kristo." Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Nsabira"?

873 Buli omu sigala nga omutwe gwo okyagukotese. Katonda akuwe omukisa, ekyo kirungi nnyo. Katonda abawe omukisa, bannyinaze, eyo; nammwe, baganda bange, abayimusizza emikono gyammwe. Ekyo kirungi nnyo.

874 Kaakano, ayi Kitaffe, emikono gyabwe Ogiraba. (Mmanyi, oluusi muli mwebuuza ne mugamba nti, "Naye ddala, essaala entonotono bw'etyo?") Ayi Katonda, mu kaseera kano ndowooza ku mmaama oyo, eggulo eyagambye nti, "Essaala entono eyo gye twasabira mu nnyumba ye ku lunaku olwo katabani ke bwe kaali obubi nga kanaatera okufa, nga bakawaddeyo wiiki ssatu zokka kafe, olw'ekizimba kye kaalina ku bwongo, naye okuba nti yakyusa ebintu."

875 Ndowooza ku Keezeekiya, eyakyusiza amaaso ge eri ekisenge, n'akaaba ne yeegayirira nga agamba nti, "Mukama, nkwegayiridde, nsaasira. Nzijukira, kubanga ntambulidde mu masso Go n'omutima ogwatuukirira." Essaala eyo n'ekyusa okufa ne kuba obulamu.

876 Kwali okwogerera waggulu kwa mulundi gumu gwokka okuva mu Mwana wa Katonda nti, "Lazaalo, fuluma ojje!" omusajja eyali afudde n'avaayo.

877 Ayi Katonda, Wagamba nti, "Yogera, saba, ky'osabye kinaakuweebwa. Bw'obaako ekintu kyonna ky'oyogera, kkiriza nga ky'oyogedde kibaddewo, ojja kukifuna ky'oyogedde."

878 Kaakano, ayi Kitaffe, nsaba buli ayimusizza omukono gwe afune ekyo ky'ayimusirizza omukono gwe. Era nsaba baweebwe omukisa. Era ayi Katonda, nkusaba Oyambe bannyinaffe, basobole okubeera . . . leka beeyise mu ngeri esaana, kibeere nti Ssetaani nga ayita mu ttivvi ne zi magaziini nga eya *True Story* n'endala, ebitakozeseddwa mu ngeri ntuufu nga bwe birina kukozesebwa, ne zi pulogulaamu ezitasunsuddwamu, nga ziraga obukyafu n'obuseegu ku zi ttivvi n'ebirala, ebyandibadde . . . Ebyandibadde bisobola okukozesebwa okukuwangulira obukadde n'obukadde bw'emmeeme, naye n'olaba engeri gye bitasunsuddwamu, ne bimala gafulumya ebintu bino ebicaafu bye . . . O, nga kyennyamiza! N'okukimanya nti omwoyo wa ssetaani asensedde n'ayingira mu bannyinaffe, era agezaako okubasendasenda okukola emisono egitambula n'omulembe n'okwambala mu ngeri eyo.

879 Era tukizuula nti ne mu...ne mu baganda baffe, nabo, ayi Mukama, engeri gye basobola okufuuwa sigala n'okunywa omwenge, n'okukola ebintu eby'engeri eyo, naye ne basigala nga bakyeyita Bakristaayo mbu olw'okuba "bakkiriza." Leka bakitegeere nti "ne ssetaani, akkiriza." Naye ssi mulokole, "akkiriza n'okukankana n'akankana."

880 Era kaakano, ayi Kitaffe, ffenna wamu tukusaba Otukwatirwe ekisa, era otusonyiwe ebibi byaffe, era oba oli awo abamu tebayimusizza mikono gyabwe, Ayi Katonda, bakwatirwe ekisa. Leka akakisa akaddako ke banaafuna, bayimuse emikono gyabwe.

881 Twetegeka okusembera, ayi Mukama. Tusonyiwe ensobi zaffe n'ebitusobyeko mu bulamu. Era otukkirize okufuna omukisa Gwo, kubanga tukisabye mu Linnya lya Kristo. Amiina.

882 Mukama abawe omukisa. Munsonyiwe okubalwisaawo bwenti. Naye simanyi oba, nga tetunnayingira mu kusembera, waliwo omuntu yenna eyandyagadde okujja okusabirwa, nga ayagala okusabirwa, ekyo, twandyagadde okukikola mu kaseera kano kennyini, bwe wabaawo omuntu yenna eyeetaaga okusabirwa.

883 Tewali buzibu, ow'oluganda, muleete wano eno, tekirina buzibu. Kati mutugumiikirizeemu katono, bwe tumala tugenda—tugenda kubasiibula. Bwe tunaaba tumaze okubasiibula, olwo abo abaagala okusigalawo okwetaba mu kusembera, basobola okusigala. Naye mu kaseera kano tugenda kusabira abalwadde. Bayibuli egamba etya?

884 Ow'oluganda bw'aba tasobola kusituka...Tekirina mutawaana, mumuleke abeere awo w'ali, tujja kumutuukako awo w'ali. Tekirina mutawaana, mumuleke abeere awo. Tujja kumutuukako awo w'ali tumusabire. Tekirina buzibu. Kale, ssebo, mu—muleke atuule awo wennyini. Kijja kumukaluubiriza okuyimirira wano, naye, tunaasanyuka okumutuukako awo w'ali.

885 Kati nnina kye njagala okukutegeeza, mukwano gwange omwagalwa. Olaba, mma—mmanyi nga Mukama kino azze akikakasa emirundi egy'enjawulo. Okiraba? Ssiri mubuulizi mulungi kiri awo, ssirina buyigirize n'ebirala. Naye Mukama waffe Yesu mmwagala, ekyo kyo Katonda akimanyi nti mmwagala. Naye waliwo ekintu kimu kye nnayitibwa okukola, kwe kusabira abalwadde. Ekyo mukikkiriza? Ne bwe nnali ssinnategeera bikwata ku kirabo, nnateranga okukyalako mu ddwaliro wano eno; era nzijukira bannansi abo nga bagamba abantu nti, "Kati mugenda kuwona." Okiraba? Kale kintu kya muwendo, okuba nti Katonda abadde wa kisa nnyo gyendi okuba nti ayanukula essaala zange ze nsabira abantu.

886 Muli nkubamu akafaananyi, nti akawungeezi kano, ssinga wabaawo okulangirira, wonna wonna, mu nsi yonna. Ne bagamba nti, tukowoola buli muntu yenna Ow'oluganda Branham gwe yali asabidde, mujje wano, twagala mubeeko ne bye mutegeeza gavumenti ya Amerika, okuyita mu bbaluwa. Ne kirangirirwa mu nsi yonna. Nzikiriza, oba oli awo abantu nga obukadde buna oba butaano bandyanukudde eri omulanga ogwo singa bakimanyaako. Okiraba?

887 Nga abantu abo, manyanga abamu ku bo baali bafudde n'okufa, nga abasawo bamaze n'okubagolola, wamu ne—n'oyo aziraga abafu. Nga abamu ku bo baali bafiiridde mu bubenje; abalala nga bafudde okufa okwa bulijjo. Nga abamu baali bazibe ba maaso, abalala baaziŋŋama, abalala balema, abalala baagongobala, abalala, banyigirizibwa, abalala batabufu ba mitwe . . . mu malwaliro, nga n'okukimaya tebaakimanyaako nti twaliko mu ddwaliro nga tugenze okubasabira. Nga we baabaleetera mu ddwaliro, baalina kubatwala ku mpaka. Nga bwe bawalira n'okwesalaasala, nga ne we bali tebamanyiiwo. Naye mu ddakiika ttaano zokka, ne batereera, ne babeera abantu abalungi ddala, abalina okwagala, era ne bateereerera ddala obulamu bwabwe bwonna. Okiraba?

888 Ekyo . . . Kiki ekikikola? Oyo si Waaluganda Branham. Oyo Yesu Kristo, nze Yantuma kusabira balwadde. Kati ensonga yiino wano. Ekirabo ekyo tekirabye buwanguzi bwa maanyi wano eno mu Jeffersonville, kubanga, ensonga yiino. Kati, njagala mukitegeere nti abamu ku mikwano gyange abasingayo okuba ab'oku lusegere era mikwano gyange nfiirabulago bali wano wennyini mu kibuga kino. Newankubadde nga ekibuga kyo nga kyo, embeera y'ekibuga, ssigyagala. Embeera eno ssigyagalirako ddala, era ssigyagalangako; bwe nnali nkyali muto, nnali nnina we ntudde, nga nsoma ebitabo byange eby'ebyafaayo, ne ŋŋamba nti, "Lumu ndisenguka ne nvaawo wano." Mukiraba?

889 Ekibuga kino ekya Jeffersonville sikyagalirako ddala, lutobazzi, kiri mu kiwonvu. Lutobazzi lwennyini, era wabi nnyo. Ggwe ojje oyambukeko waggulu wano eno ku Spickert Knobs oba awalala wonna, olengere emmanga mu New Albany ne Jeffersonville, bw'oba oyagala okukyetegereza obulungi. Mulabeeyo ne kino, n'abasawo kati bagamba, nti, "Abantu ababeera mu kiwonvu kino bagenda baggwaamu omusaayi olw'embeera ekirimu."

890 Waliwo omukyala wano bambi, Muky. Morgan, yawonyezebwa kkookolo, yatwala embwa ye wano mu kalwaliro, nga alowooza nti yali erwadde olukuku. Naye mumanyi ekyali kigitawaanya? Byali bi kasasiro okuva mu kampuni ya Colgate n'ebintu bwe bityo ebyali ku muddo gwe yali eyiseemu. Kye kifo ekisingayo obubi mu by'obulamu.

891 Waliwo omusajja omu yali mu magye, n'akyalako emmanga wano n'akwatibwa . . . Yalina asima. N'akyalako emmanga wano mu Florida amaaso ge gonna ne gafuuka maddugavu ddala, n'agenda okulaba dokita, n'amugamba nti, "Dokita . . . "

892 Dokita n'amubuuza nti, "Kati, walwanye, si bwe kiri?"

893 N'amuddamu nti, "Nedda, ssebo, ssinnalwanako."

894 Bwe muba mwagala okumumanya, erinnya lye ye Herby. Kati, bwe mba nzijukira bulungi . . . A—Akola mu Union National Bank, mu New Albany, akola bwa kaasiya. Osobola okugendayo yenna gw'onaalaba alina bbaagi eriko erinnya "Herby," omubuuze.

895 Kati n'amugamba nti . . . Yagenda, n'agamba dokita nti, "Dokita," n'agamba, "Ntawaanyizibwa ekiwanga."

896 Dokita n'amukebera, n'amugamba nti, "Weewaawo kituufu." N'amugamba nti, "Mbadde nodowooza nti walwanye." N'amubuuza nti, "Muvubuka, obeera wa?"

897 N'amuddamu nti, "Gye mbeera oyinza okuba tomanyiiyo," n'agamba, "Mbeera mu kabuga akali emitala w'ekibuga kya Louisville, e Kentucky, akayitibwa New Albany, mu Indiana."

898 Dokita n'amubuuza nti, "Oyagala kuŋŋamba nti obulwadde bw'ekiwanga obwo wabuggye mu mazzi gano mu Miami ag'olunnyo, bwe wazze?" N'amugamba nti, "Bw'oba osobola okubeera mu Jeffersonville, Indiana, oba mu New Albany, Indiana, osobola okubeera mu kifo kyonna mu nsi amagye g'eggwanga ly'Amerika gye gaba gakusindise." Ky'eky'amazima. Mukiraba?

899 Kye kifo ekisingayo obubi mu by'obulamu mu nsi yonna, kye mmanyi, okuggyako nga n'ekirala ekiriyo nakyo kiri mu lutobazzi olujjuddemu omusujja gw'ensiri. Okiraba? Naye kati wano ni—ni—ni—nninawo mikwano gyange mu kibuga kino.

900 Mulabeeyo, nsobola n'okubamenya amannya. Laba Dokita Sam Adair, mukwano gwange nfiirabulago. Waliwo, Mike Egan erudda wali. O, bannange, mmenye ani ndeke ani! Mikwano gyange abalungi ennyo abayitirivu, mikwano gyange bwe twakula awamu, bwe tumanyiganye . . . Ne bwe nfuna emikwano emipya egyenkana wa, tewali kirinzija ku mukwano gwange ow'edda. Ekyo mukimanyi.

901 Maama wange anzaala wuuyo atudde awo, takyasigazzaayo nnaku nnyingi ku nsi, ali mu myaka gye egy'enkaaga. Waliwo maama anzaalira omukyala, wa myaka nsanvu, anaatera kuweza nsanvu mu gumu; ndowooza, alina emabega awo w'atudde, akawungeezi kano. Ate, oyo muleke. Kitange yaziikibwa ngulu wano; mukyala wange yaziikibwa wano eno mu limbo ya Walnut Ridge; n'omwana wange naye ali eyo. Mulaba kye ntegeeza?

902 Ssa—ssa—ssaagala . . . Ekibuga kino ssa—ssa—ssa—ssaagala kukisigalamu, era nzikiriza nti mangu ddala, nja kukivaamu.

Mukiraba, kubanga kibaddenga kinzijira, kino nkyogera nga nnyimiridde mu kituuti era nga nkutte Bayibuli yange, nti kibaddenga kinzijira entakera.

903 Bwe nnagamba mukyala wange, bwe baatuwa ssente okuzimba ennyumba y'omusumba eyo oluvannyuma gye nnakwasa ekkanisa eno . . . Ekkanisa eno y'erina obwannanyini ku nnyumba y'omusumba eyo; mugendeeyo, mulabe oba nga si bwe kiri. Mukiraba, nnagaana okugifuula eyange.

904 Kati, bwe nnali ŋŋenda okuzimba eri, Meda yaŋŋamba nti, "Nnandyagadde kusigala wano olwa maama wange."

905 Ne mmugamba nti, "Mukwano, amazima go gali nti, tujja kukyejjusa. Okiraba, tekijja kukola. Katonda aŋŋambye nti, 'Weeyawule,' era nnina okukikola."

906 N'aŋŋamba nti, "Naye, ate maama wange!"

907 Ne mmugamba nti, "Nange, maama wange. 'Naye oyo atasobola kulekawo babe, n'angoberera, tasaanira kuyitibwa Wange.' Era ekyo kituufu."

908 Lumu ku nnaku zino, mu bbanga eritali lya wala, mpulira nga ŋŋenda kusenguka nve wano, ŋŋende. Naye eno y'ensonga lwaki, enkuŋŋaana mu kibuga kino tezirabye buwanguzi. Tezirabye buwanguzi nga bwe kibeera mu bitundu ebirala, era ekyo buli eyali abaddeko mu nkuŋŋaana akimanyi nti kituufu, lwa kuba kino ky'ekibuga mwe nzaalwa. Ky'ekyo.

909 Yesu yayogera ekintu kye kimu bwe Yajja.

910 Beebuuza nti, "Omusajja ono y'ani? Ssi ye mutabani w'omubazzi ono gwe tumanyi? Ttendekero ki mwe yasomera? Bino yabiyigira wa? Kati njagala nkulabe nga okola . . . Wagamba mbu wakola ebyamagero egindi, kati baako ne ky'okola ne wano nkirabe. Bye wakola e Kaperenawumu, bikole na wano mbirabe."

911 Yesu n'agamba . . . "Obutakkiriza bwabwe bwamwewuunyisa." N'akyuka n'abagamba nti, "Ddala, ddala, Mbagamba nti, nnabbi tabulwa mpeera okuggyako mu bantu b'omu nsi y'ewaabwe." Si bwe yabagamba?

912 Era tukimanyi nti . . . mulabeeyo . . . Mutwale eky'okulabirako kya Finney, oba Sankey, oba Moody; mutwale eky'okulabirako kya John Wesley, teyasobola kubaako kya maanyi ky'akola, mukiraba, okutuusa lwe yava mu nsi ye. Mulabe a—mulabe a—a—Moody. Moody bwe yatandika, bwe yali akyakola omulimu gw'okuddaabiriza engatto mu Boston, teyasobola kubaako kya maanyi ky'akola, yamala kujja mu Chicago n'alyoka amanyika. Mukiraba? Obuweereza bwe yalina okubujja mu bantu be. Lubeerera kijja kukwetaagisa okukikola.

913 Naye kati, mulabeeyo, Katonda ajja kwanukula okusaba bw'oneerabira nti William Branham y'akikola (Okiraba?), bw'oneerabira nti William Branham y'akikola, n'otegeera nti ye

aliwo kukusabira busabizi kyokka. N'otegeera nti Yesu Kristo y'akikola era nti ky'omusabye yamaze dda okukikola, singa okola ekintu kimu kyokka kukikkiriza. Mukiraba? Tekirina kakwate konna. . . Nze sikirinaamu mukono yadde, ndiwo kujulira bujulizi. Naye kirabika olw'okuba nnakulira wano nammwe, era nga mumanyi obunafu bwange bwonna bwe nnina, na buli nsobi yonna gye nnali nkoze. . . Naye ate mumanyi ebintu byonna Katonda by'akoze, mu kibuga kino wano.

914 Ekibuga kino, ku Lunaku lw'Omusango, lumu kiriba na bingi eby'okwanukulira, kubanga wabaddewo ebikumi n'ebikumi by'okuwonyezebwa okw'amaanyi wano wennyini (Ekyo kituufu.), wano wennyini. Obubonero n'ebyewuunyo, n'okulabika kwa Malayika emmanga eri, empapula z'amawulire ne zibifulumya ne bisaasaanira buli wamu wonna, naye era abantu te. . . Lwaki kiri bwe kityo?

915 Kati lumu, nja kuva ku nsi kuno. ŋŋenda ne nneebuuza nti: "Enkomerero yange eriba etya? Etuuse? Enaatera? Nnina emyaka ana mu munaana. Yandiba nga enaatera okutuuka?" Ekyo ntera okukyebuuza. Bw'eba nga etuuse. . .

916 Mulabeeyo, ekifaananyi ekyo lwaki ensi yalemwa okukitegeera? Lwaki amakulu gaakyo tebaagategeererawo? Ebintu bino ebirala lwaki tebabitegeera? Obunnabbi buno n'ebintu ebizze bibaawo lwaki tebabitegeera? Mumanyi, mu kaseera kano tebasobola kubitegeera, naye lumu nja kuva ku nsi, era bwe ndivaawo, lwe balibitegeera. Abamu ku mmwe abavubuka mulibitegeera mmaze kugenda. Mukiraba? Naye Katonda tasobola kukikkiriza kubaawo mu kaseera kano. Mulaba kye. . . mutegeera kye ntegeeza. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

917 . . . Kakomo ka kawala akato. Wabeewo akanona. Nzikiriza n'Ow'oluganda Sothmann yagambye nti yaleka wano Bayibuli omulundi gwe yasembayo okubeera wano, nzikiriza. Waliwo omuntu yenna eyalabye ku Bayibuli, Bayibuli yonna e—etamannyiddwa nnyiniyo? Bw'ogiraba, ya Waaluganda Fred Sothmann okuva e Canada. Kaakano leka tusabe.

918 Ayi Mukama, saasira, nga oluyimba bwe lukubibwa mu ngeri enseeneekerevu nga n'Ow'oluganda Neville bw'asiiga amafuta, nange ŋŋenda okuteeka emikono ku balwadde mu Linya lya Yesu. Tukusaba, ayi Mukama, obawe okuwonyezebwa kwabwe. Amiina.

919 Kaakano, buli muntu, beera mu kusaba. Kale.

Ayi Mukama, omuto ono, nga jjajjaawe omusajja bw'ayimiridde wano ku lulwe. Omubiri gwe gwagaana amata, amata gonna. Naye ye Ggwe alina Amaanyi gonna ate omuto bambi tayinza kuba na kukkiriza ku lulwe nga ye. Na bwe kityo, ayi Mukama, nzikiriza ku lulwe, wamu n'abazadde be ne bajjajjaabe era tulangirira nti, mu Linnya lya Yesu, omwana ono

ajja kusobola okunywa amata era abeere mulamu olw'ekitiibwa kya Katonda. Amiina. Bwe kityo bwe kijja okuba.

Ayi, Katonda, omuwala ono asabira kitaawe. Mmwegattako tusabire kitaawe Omuwonye era omuwe kye yeetaaga, mu Linnya lya Kristo. Amiina.

920 Kati, kyangu si bwe kiri? Abantu basaba, naye obwo bwe buzibu abantu. . . Baagala babeeko ekintu ekinene kye balaba era mu kukola batyo ne bakifuula ekintu ekizibu ennyo. Katonda akifuula kyangu. Ate ggwe n'okifuula kizibu nnyo n'omaliriza nga kikuyiseeko. Mukiraba? Ggwe kitwale nga. . . Leka kibeere kyangu nga Katonda bwe yagamba nti: "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga," nga Katonda bwe yayogera.

921 Mukama, tuteeka emikono ku mukazi ono, mwannyinaffe ono ayimiridde wano, era leka awonyezebwe nga bwe tukisaba, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

922 Kitaffe, nga bwe tuteeka emikono gyaffe ku mwannyinaffe, mu Linnya lya Yesu Kristo, mu kugondera Bayibuli ky'egamba n'enjigiriza ya Mukama waffe, tusaba awonyezebwe.

Kitaffe, mu Linnya lya Kristo, tusaba okuwonyezebwa kwa mwannyinaffe, era nkusaba Omuwonye nga bwe tugondera Ekigambo Kyo, nga ssirinaamu kubuusabuusa kwonna mu mutima gwange okuggyako okukkiriza nti a. . .?. . . Amiina.

923 Kitaffe, tuteeka emikono gyaffe ku mwannyinaffe, era tusaba nti, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, Omuwonye era atereerere ddala. Amiina.

Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, tuteeka emikono ku muganda waffe era tukusaba Omuwonye olw'ekitiibwa kya Katonda.

Kitaffe, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, tusiiga amafuta ku mwannyinaffe, era tumussaako emikono nga tusaba okuwonyezebwa kwe mu Linnya lya Yesu.

Kitaffe Katonda, tuteeka emikono gyaffe ku muganda waffe, nga tusaba nti, mu Linnya lya Yesu Kristo, nga bwe tumusiigako amafuta leka Omuwonye.

Kitaffe, wano, mukyala we omwagalwa. . .?. . . tumusiigako amafuta era tumussaako emikono, nga tukisaba, mu Linnya lya Yesu Kristo.

924 Mukama Katonda, omuto Edith tumusiigako amafuta, era tumussaako emikono, nga tukusaba mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo Okkirize okusaba kwe.

Kitaffe, ne nnyina, naye tumusiiga amafuta era tumussaako emikono nga tusaba okuwonyezebwa kwe, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, leka awonyezebwe.

925 Kitaffe, tusiiga amafuta ku kirabo kino ekirungi eky'omuwendo eky'amaka gano, omwana ono omuto omulungi, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, lumu eyawongebwayo gy'Ali, era nkusaba Omuwonye . . .?. . .

926 Ayi Katonda, ye Ggwe amanyi ekyetaago kya mwannyinaffe era tukwebaza olw'okukkiriza kwe okw'obuzira. Kaakano, tusaba nti ebintu ebyo by'asabye, bi . . .?. . . bye yazannyisa nga akyali muto, era ayi Katonda, leka omulabe ate omukazi oyo akomewo mirembe ewaka, ayi Mukama. Era, tusabira n'omusajja oyo, gw'asabye tusabire, ye Ggwe eyasuubiza nti, "Bwe munaasabanga ekintu kyonna mu Linnya Lyange, Nja kukikola." Nkusaba Oyanukule okusaba kuno, mu Linnya lya Yesu. Amiina. Katonda akuwe omukisa.

927 Ayi Mukama, omusuwa guno mu kyenyi kya muganda wange ogwagala okufa, tusaba guddemu obulamu, nga bwe tumussaako emikono era tukisaba, mu Linnya lya Yesu, omusuwa ogwo guwonyezebwe.

Kitaffe Katonda, tuteeka emikono ku mwannyinaffe nga tumaze okumusiigako amafuta, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, tusaba okuwonyezebwa kwe. Amiina.

928 Kitaffe ow'omu Ggulu, mwannyinaffe ayimiridde mu muwaatwa olw'obuwanguzi bungi obw'amaanyi bw'Oleese, ne kaakano ayimiridde mu muwaatwa ku lw'omu ku baweereza Bo, omuweereza, ali mu bweraliikirivu; emitima gyaffe gimusaasira awamu n'okumulumirirwa kubanga tumanyi ky'ayitamu. Nkusaba, ayi Katonda, Ofuke amafuta ku mwannyinaffe olw'okuyimirira wano ku lulwe era leka omuweereza oyo omufukeko amafuta awonyezebwe. Nkisaba, mu Linnya lya Kristo. Amiina . . .?. . . Mukama amanyi . . .?. . .

929 Kirungi. Ndi musanyufu nnyo. Ago ddala mafuta ga Mukama. Ayi Mukama Katonda, omukazi ono oluvannyuma lw'okusumululwa okuva eri dayimooni eyali emaze emyaka egiwera nga emutawaanya, naye lumu Wamuluŋŋamya ajje ewaka era bwe yajja Omwoyo n'akka wansi n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," bwe yakaaba, ne yeeyala ku wolutaali, n'akola buli kimu kyonna kye yali amanyi ky'asobola okukola, naye okumusumulula kyatwala BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kaakano, wuuno azze ku lw'omwana wa mwannyina asesema; atasobola na kutambula, nga ate yaweza dda omwaka. Nkusaba, ayi Mukama, Omuwe emikisa gya Katonda mu Linnya lya Yesu Kristo. Kinsanyusizza okukulaba nga ofaanana bw'otyo, mwanyinaze, kati olinawo n'enjawulo mu ndabika. Era kati tokyali oli eyali afa, si bwe kiri?

Kitaffe Katonda, tukusaba Owe mwannyinaffe omukisa nga bwe tumusiiga amafuta era nga bwe tumussaako emikono nga bwe tusaba ekintu kino Wagamba nti: "Obubonero buno

bunaagobereranga abo abakkiriza. Banaateekanga emikono ku balwadde, era banaawonanga." Twatula nti tuli bakkiriza, ayi Mukama, n'olwekyo tukusaba obeeko ne ky'Okola, mu Linnya lya Yesu . . . ? . . .

930 Kitaffe Katonda, nga bw'omanyi omutima gw'omukazi ono bambi, nga bwe yeeyabizza gy'oli, tusaba Omukwatirwe ekisa okkirize oyanukule okusaba kwe kw'asabye. Ayi Kitaffe Katonda, ku lw'amaka ge, ku lw'abaana be, n'okusingira ddala, ku lwa mutabani we, ayi Katonda, nkusaba kaakano, ebintu bino Obikkirize . . . ? . . . n'omutima gwange gwonna, nkisaba, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Kitaffe Katonda, omukazi ono nga bwe tumusiigako amafuta, era nga tumusabira mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, tukusaba Omuwonye era atereere olw'ekitiibwa kya Katonda.

931 Tobeera nga ye ggwe West, ye ggwe?

Kitaffe, tusabira omukyala ono bambi. Asabira kitaawe. Kaakano, nkusaba Owe kitaawe, okome ku mutima gwe, ayi Mukama. Ayagala alokolebwe. Tayagala abeere eyo mu nsi gy'ali, ono, ye mwana we yekka, gw'alina. Nkusaba, ayi Kitaffe, omukwatirwe ekisa, mu Linnya lya Kristo.

932 Akuwe omukisa, muwala wange, nsaba Katonda ky'osabye akikuwe.

Ayi Katonda Omwagalwa, tusaba ekisa ku lw'omukazi ono, era tukusaba Omukwatirwe ekisa, nga bwe tumusiigako amafuta . . . ? . . .

Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo
Abaebbulaniya Ekitundu III LUG57-1006
(Questions and Answers on Hebrews Part III)
Empisa, Enkola n'Enjigiriza y'Ekkanisa

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 6 Okitobba, 1957, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org